Ekirwadde
Ky'Okuwunga Mu Mwoyo

Kaakano nzikiriza, kaakano nzikiriza,
Byonna biyinzika, kaakano nzikiriza;
Kaakano nzikiriza, kaakano nzikiriza,
Byonna biyinzika, kaakano nzikiriza.

2 Kati leka tusigale nga tukyayimiridde katono olw'Ekigambo kya Mukama waffe. Leka tubikkule mu Amosi, nnabbi Amosi, essuula ey'oku 3, okutandikira ku lunyiriri 1.

3 Njagala okwebaza Mwannyinaffe Juanita ne Anna Jeanne ne Mwannyinaffe Moore, olw'okuyimba ekiddibwamu ky'oluyimba ekyo ekirungi. Lunzijukizza, bwe mbadde ntudde awo nga nduwuliriza. Ndowoozezza, ku kiseera lwe baali naffe, nga bayimba mu lukuŋŋaana, nze n'Ow'oluganda Jack bwe twabadde twogera, nti abawala abo baali bawala bato nnyo, nga bawala, ba myaka nga kkumi na mukaaga, awo bwe watyo. Naye kati, ndowooza, Mwannyinaffe Anna Jeanne alina abaana bataano, ne Mwannyinaffe Juanita alina—alina . . . maama wa baana babiri. Era mazima ddala tusemberedde ddala ekiseera ekyo eky'akawungeezi, ba nnyabo, okusinga bwe twali luli, waliwo enjawulo ya myaka nga kkumi na mukaaga. Tekijja kutwala bbanga ddene, tujja kuba tusomoka, akaseera ako ak'ekitiibwa.

4 Kati mu Amosi essuula ey'oku 3, leka tusome.

Muwulire ekigambo kino Mukama *ky'aboogeddeko, Mmwe abaana ba Isiraeri, ku kika kyonna kye nnalinnyisa . . . nga nkiggya* mu *Misiri, ng'ayogera nti,*

Mmwe mwekka be nnamanya . . . ku bika byonna eby'ensi zonna: kyendiva mbabonereza olw'o . . . olw'obutali butuukirivu bwammwe bwonna.

Ababiri bayinza okutambulira awamu, wabula nga batabaganye?

Empologoma ewulugumira mu kibira, nga terina *muyiggo? empologoma ento eyima mu mpuku yaayo okulira, nga teriiko ky'ekutte?*

Ennyonyi eyinza okugwa mu mutego ku nsi, nga tebagiteze kakunizo? omutego gumasuka okuva wansi nga teguliiko kye *gukwasizza?*

Bafuuyira ekkondeere mu kibuga, abantu ne batatya? obubi bugwa ku kibuga, Mukama *nga tabuleese?*

Mazima Mukama . . . taliiko ky'alikola, wabula abikkulira *abaddu be* bannabbi *ekyama kye.*

Empologoma ewulugumye, ani ataatye? Mukama . . . ayogedde, ani *ayinza obutalagula?*

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

5 Mukama Yesu, leka kino, Ekigambo Kyo, Mukama, leka tubeere n'okussa ekimu ku kitundu kino. Tusaba, ayi Mukama, Otuwe eky'okuyiga okuva mu kitundu kino kye tusomye, kye tunaava nakyo wano, era tusaba kireete ekitiibwa gy'Oli. Tuwe omukisa nga bwe tulindirira, ayi Mukama, akawungeezi kano, ku Kigambo Kyo. Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa. Lokola abaabula. Wa amaanyi abanafu, ayi Mukama, abo abagenda banafuwa, mu mubiri ne mu mwoyo. Era otuwe okufukibwaako kw'Okubeerawo Kwo okw'amaanyi, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

6 Akawungeezi kano, okuva mu kino, njagala okuggyawo omutwe ogugamba nti: *Ekirwadde Ky'Okuwunga Mu Mwoyo.*

7 Temwerabira, enkya, kwe kusabira abalwadde enkya. Tusuubira Mukama okukola ebintu eby'ekitalo eby'amaanyi, enkya olw'eggulo ku ssaawa munaana, we tu . . . ze tunaatandika enkuŋŋaana zaffe. Omulenzi ajja kubaawo wano okugaba kaadi z'ab'okusabirwa. Era buli ayagala okusabirwa ajja kusabirwa. Era tusuubira okuba n'ekiseera ekirungi ddala, enkya, mu Mukama waffe.

8 Kati eri mmwe abali wano, abaatukyalidde abatali ba wano mu kibuga. Mujjukire nti, waliwo amakanisa amalungi, agakkiriza Enjiri enzijuvu wonna mu kibuga. Mwanirizibwa okugendayo mu gonna.

9 Mbadde njogerako n'omu ku basumba bwe tukolagana nabo, wabweru wali, yaakayingira, Ow'oluganda Jackson, eyava mu kkanisa y'Abamesodisiti, ekibuga nga kimu oba bibiri okuva wano we tuli.

10 Kati bameka wano abalina enkolagana n'ekkuŋŋaaniro lino, leka tulabe emikono gyammwe, buli wamu. Bannange, mazima—mazima ddala nsanyuse nnyo okubeera nammwe wano. Luno lwe lukuŋŋaana olukyasinzeeyo okuba olw'okumpi lwe nnali mbaddemu mu Indiana okumala akaseera. Ndowooza okukomawo, amangu ddala, nteekewo weema tuyigirize ku Makondeere ago omusanvu agasembayo, Mukama bw'anaaba ayagadde.

11 Kale, kati, naye mujjukire enkya. Temukyerabira, enkya ku ssaawa munaana. Era, kati, olukuŋŋaana lwaffe oluddako lujja kutandika wiiki ejja, mu Tampa, Florida.

12 Kati njagala kwogera ku: *Ekirwadde Ky'Okuwu- . . . Ky'Okuwunga Mu Mwoyo.*

13 Kati, katulabe musajja wattu ono gwe twogerako, Amosi, okumala akaseera, okusobola okufuna omusingi kwe tugenda okuzimbira nga tetunnayingira mu kyakuyigako. Kino kyaliwo mu kiseera eky'okukulaakulana okw'amaanyi mu Samaliya. Isiraeri yali ekulaakulanye. Ddala baali bagoberedde ensi era baali bakulaakulanye.

14 Si buli mulundi nti okukulaakulana mu bintu by'ensi kaba kabonero ka mikisa gya mwoyo, naye emirundi egimu tegiba mikisa gya mwoyo n'akatono. Abantu balowooza nti ob'olyawo olina okuba n'ebintu by'ensi bingi nnyo, nti ebyo bye biraga nti Katonda akuwadde omukisa. Ekyo si kituufu. Emirundi egimu taba ye.

15 Naye tumuzuula, ye, omusajja ono tetumanyi bingi bimukwatako. Ye, tetulina byafaayo, biraga gye yava. Tumanyi kimu kyokka nti, okusinziira ku Kyawandiikibwa kino wano, yali mulunzi, naye Katonda yali amuyimusizza.

16 Nkubamu akafaananyi nga ndaba, ku lunaku olumu nga akasana keememula mu Samaliya eyo, ekimu ku bibuga ebikulu ebyalimu eby'obulambuzi mu kiseera ekyo. Nga leero tuyinza okukigeraageranya ne, katugambe Miami, oba—oba Hollywood, oba Los Angeles, oba ebimu ku bifo nga ebyo, ebimu ku bifo ebikulu eby'obulambuzi. Era tusobola okukubamu akafaananyi nga tumulaba. Yali tatuukangako mu kibuga nga ekyo. Naye yalina Ekigambo kya Mukama, era yali azze mu kibuga kino eky'amaanyi ekyali kijjudde ekibi ku buli ludda. Abaweereza bonna baali baava ku Kigambo kya Katonda, era baali bamaze emyaka egiwerera ddala nga tebalina nnabbi.

17 Era kati musajja wattu ono, bwe yali alinnyalinnya akasozi, eyo nga mu mambuka ga Samaliya, nkubamu akafaananyi nga mmulaba, nga akasana keememula, n'ebirevu bye ebijjudde envi nga bimujjudde mu maaso, n'amaaso ge amatono nga gayimbadde, nga n'omutwe gwe, omutono ogw'ekiwalaata nga gumasamasa, nga bw'alengera ekibuga ekyo. Nga amaaso ge gayimbadde. Ye yali tatunuulira ebyo abalambuzi bye batera okulaba, bwe bagenda mu kibuga ne balaba ebintu ebirungi ebisikiriza. Ye yatunula n'alaba ekibuga ekyo bwe kyali kifuuse ekyerolerwa, ekibuga olumu ekyali ekibuga kya Katonda, nga kati kifumbekeddemu empisa envundu obwenkanidde awo. Tekyewuunyisa . . .

18 Kati musajja wattu ono, atamanyiddwa yali Amosi nnabbi. Era kati tetumanyi bingi bimukwatako. Tetumanyi wa gye yava. Bannabbi bulijjo batera okujja, mu ngeri etategeerekeka, ne bavaawo mu ngeri y'emu. Nga tetumanyi gye baava, tetumanyi gye balaga, tetumanyi byafaayo byabwe. Katonda abayimusa buyimusa. Teyalina kya maanyi kimwegombesa, naye yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ekyo kye kintu ekikulu kye ndaba. Weewaawo, yajja mu Samaliya nga

azze kutandika nkuŋŋaana ze. Naye nkakasa tewali n'omu yamwegattako kukolagana naye. Teyalina kaadi kuva mu kibiina kya ddiini kyonna eraga gy'akuŋŋaanira. Teyalina biwandiiko bimwogerako biraga kibiina mw'ava. Era, naye, yalina ekintu kimu, yalina Ekigambo kya Mukama eri ekibuga ekyo.

19 Era nneewuunya ssinga tusitula Amos, ne tumuleeta mu kiseera kyaffe, leero, nneewuunya oba nga basobola okumwaniriza mu kibuga kyaffe leero. Nneewuunya oba twandimwanirizza, oba twandikoze nga bwe baakola. Tukiraba nti ebibuga byaffe biri mu mbeera ey'obwonoonefu y'emu. Era tukiraba nti ekibi kimaamidde abantu, era nga bwe kyali mu kiseera ekyo. Era muli nneebuuza, ddala musajja wattu ono, atamanyiddwa, agenda kutandika atya enkuŋŋaana zino? Atya, agenda kutandikira wa? Kkanisa ki gy'anaatuukirira, oba ani anaayinza okukolagana naye? Teyalina kintu kyonna kiraga wa gy'ava, teyalina kintu kyonna okuggyako BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA eri ekibuga.

20 Yabasanga boonoonefu okukamala era nga bali mu bwonoonefu obutagambika, kyali kiseera kibi nnyo. Abakazi mu kibuga ekyo baali kyenkana bafaanana nga bwe bali mu Amerika. Baali boonoonese. Mu buli kintu kyonna Katonda kye yali abasuubiramu, baali bakutte kkubo ddala. Era—tukiraba nti kyali kifo eky'amasanyu gye baategekenga ebikujjuko by'amazina ku nguudo, abakazi ne beeyambula mu ngeri ey'ekikaba, n'ebirala, nga ab'ekimansulo. Kati nno, kiri kyabanga kintu ekyakolebwanga okusanyusa abantu mu biseera ebyo, naye kati kyafuuka kya buli lunaku. Ggwe leka ekiseera ky'ebbugumu kituuke, tekijja kukwetaagisa kusooka kubaako mwoleso gwonna gw'ogendamu. Babeera bajjudde buli wamu wonna, ku nguudo, nga bwe baagala. Bakazi mmwe muswadde nnyo, okukola ekintu bwe kityo! Mmwe tekibakwasa nsonyi?

21 Era kati—era kati ekyo nnina omukazi wano eno gwe nnakigamba, ebbanga si ddene eriyise, naye n'aŋŋamba nti, "Naye," n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "ekyo, ekyo—ekyo n'abakazi abalala bonna kye bakola."

22 Ne mmugamba nti, "Naye ffe tetusaanidde kweyisa nga abantu abalala. Ffe tuli ba njawulo. Ffe tuli ba—ba mbala ya njawulo."

23 Kinzijukiza omukazi, eyaŋŋamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham," omulala yaŋŋamba nti, "Nze—nze—nze ssambala binu." N'agamba nti, "Nze nnyambala mpale mpanvu."

24 Kko nze nti, "Ate ekyo kibi nnyo." Uh! "Katonda yagamba nti, 'Kya muzizo,' mu maaso Ge, 'omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja.'" Ekyo kituufu ddala.

Omu yaŋŋamba nti, "Naye, tebakyakola ngoye ndala okuggyako ezo."

"Bakyakola ebyalaani era bakyatunda ne jjoola z'engoye."

25 Tewali kya kwekwasa. Ensonga eri ku ekyo ekiri mu mutima. Kye kirabisibwa ku ngulu. Ki—kyeraga kyokka.

26 Era kati tukiraba nti, mu kibuga kino, abantu baali boonoonekedde ddala empisa. Nga ababuulizi baali batya okukyogerako. Era, naye baalina akasajja kano, akaali kaserengeta okuva ku kasozi, okujja kabagambe nti BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, "Mulongoose ekintu kino, bwe mutakikola mugenda kutwalibwa mu buwambe." Era yawangaala okulaba ennaku z'obunabbi bwe nga butuukirira. Yalagula mu biro bya Yerobowaamu ow'Okubiri, naye, eyali yagobebwa; eya—eyakulirizanga amawanga amalala. Naye—naye Amosi ono n'alagula n'abagamba, nti, "Katonda yennyini gwe mugamba nti gwe muweereza, Alibazikiriza." Era Yabazikiriza.

27 Era singa eddoboozi lye libadde wano akawungeezi ka leero, mu . . . mu Birmingham, lyandirangiridde ekintu kye kimu eri amakanisa. "Katonda yennyini gwe mugamba gwe mwaweereza, lumu alibazikiriza." Soogera eri kibiina kino ekitudde wano. Entambi zino zibuna wonna mu nsi. Kati, ekyo mujjukire nti, kituufu.

28 Kati yakizuula, bwe yayingira mu kibuga, nti ya . . . ebintu bino byonna, muli nneebuuza bwe yawulira bwe yalaba obwonoonefu bw'abantu ba Katonda, be yali atumiddwaamu.

29 Nneewuunya oba tusobola okumusembeza kati singa aba azze? Singa ajja, tusobola—tusobola okukolagana naye? Tusobola okumuwa ekisingayo kya—kyaffe? Tusobola okumuwuliriza? Tusobola okwenenya singa atugamba nti tulina okuddayo ku Kigambo kya Mukama era tukole nga Mukama bwe yatugamba tukole?

30 Nneewuunya bannyinaffe kye bayinza okukolera enviiri zaabwe enkomole? Ddala basobola okuleka enviiri zaabwe ne ziddamu ne zikula, singa Amosi aba azze? Kwo okukibuulira aba ajja kukibuulira, ekyo nkibakakasa, kubanga kye Kigambo kya Mukama.

31 Ne—nneewuunya oba nga obu—obukiiko bwaffe obutongoza abadiikoni, abaakawasa emirundi ebiri oba esatu, n'e—n'ebirala bwe bityo, ne bugezaako okubateekawo okuba abadiikoni, nneewuunya oba ebintu bino byonna, nneewuunya kiki kye yandikoze omusajja aleka mukyala we n'ayambala ebinu n'afuluma n'atambula ku luguudo, n'asaawa n'omuddo, wabweru mu luggya, nga abasajja bwe bayitawo? Muli nneebuuza kye yandigambye omusajja bw'atyo?

32 Mazima yandibivumiridde ne ssekuvumirira yenna, kubanga yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kale teyandiyinzizza kukola kintu kirala kyonna okuggyako ekyo. Mu kiseera ekyo yabasanga balina ekirwadde ekibi, eky'okuwunga mu mwoyo, era ky'ekirwadde kyennyini naffe kye tulina leero.

33 Kati, yamanya atya ebyali bigenda okubaawo? Amosi yanditegedde atya? Ekisooka, yali nnabbi. Ne, eky'okubiri, yamanya ekyalina okubatuukako nga asinziira ku bulwadde bwe baalina, n'amanya biki ebinaddirira.

34 Omusawo bw'atunuulira ekizimba n'akiraba nti ekizimba ekyo kisimbye amakanda, akimanya bumanya nti omuntu oyo takyalina kakisa kalala konna okuggyako asigazza kufa. Kye kyokka, okuggyako nga Katonda alina ky'akikoledde.

35 N'olwekyo, bw'otunuulira ekibuga, n'otunuulira abantu, oba bw'otunuulira ekkanisa, n'otunuulira abantu abali ewala ennyo okuva ku Katonda, tewetaaga kwekebejja ndwadde yonna naye okimanya bumanya nti, "Kibi kyereere! 'Ate empeera y'ekibi kuba kufa.' Babeera boolekedde kufa." Kye baba balwadde kyeraga kyokka. Olaba, abantu bwe bava ku Katonda ne baba nga tebakyawuliriza Kigambo, tebakyayaayaanira Kigambo, obulwadde buba bumu bwokka, "'Emmeeme eyonoona, emmeeme eyo erifa.' Obutakkiriza bujja kukwawukanya ne Katonda." Ekyo kituufu ddala.

36 N'olwekyo, bw'atyo bwe yategeera ekika ky'endwadde, n'ebyalina okuddirira, bwe yalaba e—ekibi ekyali mu kibuga.

37 Kati, endwadde eno ey'okuwunga, tugambibwa nti e—e—e. . . ekuleetera okubeera nga tokyasobola kutegeera kiki ky'oli. Kati, kintu ekitali kya bulijjo. Temala gabaawo, naye ekimu ku bigireeta kwe kufuna ekyekango. Omuntu n'atuuka okuba nga takyamanyi ky'ali. Ogisanga mu ntalo, oluusi, ekwata abajaasi. Oluusi n'abantu ba bulijjo. Ekirala ekireeta endwadde eyo ey'okuwunga, kwe kweraliikirira. Okweraliikirira kusobola okuleeta okuwunga.

38 Okweraliikirira tekuliimu kalungi konna, yadde. Weewaawo, ggwe, ku—ku—okweraliikirira kubuuse bubuusa maaso, osembeze okukkiriza.

39 Waliwo eyambuuza nti, "Naye, kati, watya singa oba wa kukubibwa amasasi enkya ku makya, ky'ogamba teweraliikirire?"

Ne mmugamba nti, "Nedda, ssirowooza nga nnandyeraliikiridde."

"Lwaki?"

Ne ŋŋamba nti, "Okweraliikirira tekulina kye kujja kunnyamba okuggyako okusajjula embeera."

"Kati, kinaakuyamba ki okuba n'okukkiriza?"

Ne ŋŋamba nti, "Kwandintaasa." Ate ekyo kituufu, mukiraba.

40 N'olwekyo okweraliikirira tekuliimu kalungi konna, yadde, naye okukkiriza kulina ebirungi byonna. Kkiriza!

Kati okweraliikirira oluusi kuleeta okuwunga okwo.

41 Kati ekintu ekirala ekireeta okuwunga okwo mu bantu, kwe kubeera wakati w'endowooza bbiri n'otasalawo. Ekyo kijja kuleeta endwadde eyo ey'okuwunga. Era otuuka ekiseera nga—nga, mu butuufu, ky'okoze, tokyasobola kulowooza. Nga otabuse omutwe. Tokyayinza . . . Tokyamanyi ky'oli. Tokyetegeera ky'oli. Nga osobola okutambula, n'olya n'okola buli kimu kyonna, naye, nga tokyetegeera ky'oli. Nga okyalina obuyigirize bwo, osobola . . . okyalina obuyigirize bwe bumu bwe walina, naye nga tokyajjukira ngeri gye wabufunamu, tomanyi ky'oli, tomanyi gy'ogwa. Eyo y'endwadde y'okuwunga, bwe batyo bwe batugamba.

42 Mu bulamu buno obw'abantu, tweyoleka n'amaka gaffe, okuyita mu bufumbo. Era wamu ne bakyala baffe, be tuwasa, n'amaka ge tukola olw'okujja kwaffe awamu mu—mu—mu bufumbo bwaffe. Naye kati, kubamu akafaananyi, ekintu kino ekibi ennyo bwe kiti ne kikutuukako n'otuuka okuba nga tokyasobola kujjukira ani gwe wawasa, mukyala wo y'ani, abaana bo be baani, taata wo ne maama be baani, ani muliraanwa wo? Ekyo kibeera ki—kintu kibi nnyo.

43 Kati n'ekirala, tutegeerebwa, tusobola okwetegeera mu luse lw'abantu, nga tusinziira ku magezi ge tulina o—okwawukanako n'ensolo. Ensolo tesobola kulowooza, egoberera bugoberezi maloboozi. Terina mmeeme. Naye, ate, obulamu bwe tulina bwa nsolo. Ekitufuula ab'enjawulo . . . Tuli nsolo eziyonsa, naye eki . . . Ensolo ezo eziyonsa zisobola okwekolera ebbugumu mu mubiri gwazo, era tuli mu kifaananyi kya nsolo. Naye ekitufuula ab'enjawullo, kwe kuba nti ffe tulina emmeeme, okutegeera okwawula ekirungi ku kibi.

44 Kati waliwo ekifo, bw'ofuna obulwadde buno obw'okuwunga, osobola okufaanana nga, ndowooza yali, Nebukadduneeza, lumu eyeegulumiza, Katonda n'amuleetera okulowooza ng'ensolo. N'abeera wabweru eyo ku ttale era—era n'alya omuddo nga ente. Na—na—n'amera enviiri ku mubiri gwonna, nga ebyoya by'empungu, nga yafuna n'omutima nga ogw'ensolo munda mu ye. Mukiraba? Obwo bwali bulwadde bwa kuwunga, kubanga yeerabira nti yali kabaka. Yeerabira nti yali muntu. Na bwe kityo yalowooza nti yali nsolo, era ne yeeyisa nga ensolo, kubanga yeerabira nti muntu.

45 Ekyo kyangu nnyo, leero. Era naffe, oluusi twerabira, kiki Ekkanisa Enkristaayo ky'eri. Ne tweyisa ng'ensi. Ekyo kiraga nti tulina endwadde y'okuwunga okw'omwoyo, kubanga teweeyisa

nga Mukristaayo. Weeyisa nga nsi. Wafuna omutima gw'ensi, era gwe guvaako kino.

46 Wano tu—tukiraba nti Israeli yeeyanika, yeewaayo eri okutegeera eby'ensi, era nga baali bagudde mu kinnya kino. Era nnabbi ono yali atumiddwa okubaggyayo mu kinnya ekyo, bw'aba asobola, era ababuulire. Katonda, olw'ekisa Kye, yalonda Isiraeri okuva mu bika ebirala byonna eby'oku nsi. Ekyo kyali kisa kye kyakikola. Yali abawadde ettaka erisingayo obulungi. Yabawa amayumba ge bataazimba. Ekyo Katonda ye yakikola, yabeeroboza. Yabawa ennimiro ze bataagula. Ya— Yabawa, Yabawa emmere gye bataasimba. Yabawa enzizi ze bataasima. Yabawa obuwanguzi bwe bateewangulira. Yabawa ekisa kye bataasaanira. Ekyo Katonda ye yakikola olw'ekisa Kye eri abantu bano, Isiraeri, abalonde Be, abaagalwa Be.

47 Era Agamba, mu Bayibuli nti, "Yamusanga mu nnimiro, nga omuwala omuto nga atudde mu musaayi gwe, n'Amunaaza n'amulongoosa, ne byonna bye Yakola. Naye oluvannyuma lwa Katonda okumulaga okusaasira kuno kwonna, n'agaggawala," ate yakwatibwa endwadde y'okuwunga, yawunga, "ne yeerabira ebintu bino byonna gye byava."

48 Ndowooza ekyo kye kifaananyi kya Amerika, mu 1964. Erina ekirwadde kye kimu ekyo. Tuli makanisa manene ag'amaanyi. Tuli bantu ab'ekitalo, ab'amaanyi. Tuli mu bukadde na bukadde bw'abantu, naye twerabira wa ebintu bino gye byava.

49 Endwadde eno yabaluma n'ebatuusa wala. Katonda bwe yabakola obulungi obwenkanidde awo, n'abaggya mu nsi z'abakafiiri eyo yonna, n'abafuula abantu ab'enjawulo, n'Abeeyawulira. Yagamba nti "Yasimbuliza omuzabibbu n'aguggya mu nsi endala n'agusimba mu nsi endala, n'engeri gye Yagulabiriramu gusobole okubala ebibala bingi, naye ate omuzabbibu ne gwerabira emikisa gyagwo gye gyava."

50 Bwe batyo n'abantu ba Katonda, mu nnaku zino ez'oluvannyuma, beerabidde obujulizi bwa kiki kye kitegeeza okubeera Omukristaayo. Endwadde y'okuwunga, nate era, ekomyewo ku bantu. Tebakyamanyi kye bali.

51 Bali, buli ekikwata ku Kyo baakyerabira. Obutuukirivu Bwe baali baabwerabira. Amateeka Ge baali baagerabira. Abakazi baali beeyisa nga abakazi abalala bonna.

52 Ekkanisa ya Katonda n'abantu Be bulijjo babaddenga, "Bantu abaayawulibwa, a—abantu abaayitibwayo, abantu ab'envuma, eggwanga ettukuvu, obwakabona obulangira; abawaayo ssaddaaka ez'omwoyo eri Katonda, ebibala by'emimwa gyabwe, nga batendereza Erinnya Lye." Katonda yayita Ekkanisa Ye n'agyawula okuva mu nsi, olw'ekigendererwa ekyo kyennyini. Era Yagiwa etteeka, era Ye, Yo, eteekwa kuba ntukuvu. Yagamba nti, "Ndi mutukuvu,

era nammwe muteekwa kuba batukuvu, era awatali butukuvu tewali aliraba Mukama." Ekyo Katonda Yennyini, ye yakyogera.

53 Era abantu bano Yali abayise babeere abantu ab'ekika kino, naye baali bakyerabidde. Baali beerabidde amateeka Ge, nga beerabidde n'empisa zaabwe. Abakazi baali bweru eyo ku nguudo, abakazi Abaisiraeri nga bali eyo, nga buli omu asuubira oku—okufuna olubuto lw'Omwoyo Omutukuvu, okuzaala Masiya, naye nga beeyisa mu ngeri eyo. Enneeyisa yaabwe yali mbi nnyo.

54 Njagala nsooke nnyimirireko awo okumala akaseera, ŋŋambe nti kye kintu kye kimu ekiri mu bantu baffe, leero, abeeyita Abakristaayo. Enneeyisa yaabwe, singa musobola okukiraba!

55 Lumu, mu Bukiikaddyo. Nnina emboozi gye nnasoma okuva emmanga eyo, ekwata ku kiseera we baabeerera n'abaddu. Abantu abo baabatwalanga ne babatunda mu katale, nga bw'oyinza okutunda emmotoka ekozeeko. Era waabangawo omuguzi, omusuubuzi, eyajjanga ne yeeroboza mu baddu bano n'agenda n'abatunda, nga bw'oyinza okutunda emmotoka oba ekintu ekirala kyonna.

56 Era abaddu abo baabanga wala nnyo okuva mu nsi yaabwe gye basibuka. Baavanga mu Afirika. Baawambibwanga ba Boers, ne babaleeta wano mu bizinga, oluvannyuma ne babakukusa ne babayingiza mu Amerika ne babatunda okubeera abaddu, nga babaguza abantu okuva e Jamaica n'ebitundu ebyetooloodde.

57 Kati tukiraba nti abantu abo baabanga bajjudde ennaku. Baawambibwanga okuva mu maka gaabwe. Ne batwalibwa omulabe, nga bajjudde ennaku. Tebalifuna kakisa kuddamu kulaba baami baabwe, oba abakyala baabwe, ba kitaabwe ne bannyaabwe, n'abaana baabwe. Nga tebalina yadde... Baabakubanga, na miggo, okukola, kubanga baali bantu banakuwavu.

58 Kati lumu, waliwo omusuubuzi eyayita ku ssamba emu, n'alengera ekibinja ky'abaddu nga bakola. N'a—n'agenda n'abuuza nnannyini, nti, "Olina abaddu bameka?"

N'agamba nti, "Nga kikumi."

N'amubuuza nti, "Olinayo gw'osobola okuwaanyisaamu oba gw'otunda?"

N'addamu nti, "Yee."

N'amugamba nti, "Ka mbayitemu mbekkaanye."

59 N'agenda mu ssamba n'abeetegereza, n'alaba bwe balina okusooka okubakuba okusobola okukola. Naye oluvannyuma lw'akaseera, n'abaako omuvubuka gwe yalengera gwe baali tebeetaaga kukuba. Yali yekkiririzaamu nga amanyi ky'ali; nga

tebeetaaga kusooka kumukuba. Omusuubuzi kye yava agamba nti, “Oyo omuddu gwe njagala okugula.”

Oli kye yava amugamba nti, “Naye oyo tatundibwa.”

60 N’amubuuza nti, “Naye, omuddu oyo ye kya njawulo ki ekimuliko?” N’abuuza nti, “Omuddu oyo y’akulira bali abalala bonna?”

Kko oli nti, “Nedda, naye muddu nga abalala.”

N’agamba nti, “Naye, wandiba nga ye omuliisa mu ngeri ya njawulo.”

Kko oli nti, “Nedda, naye aliira mu kigango n’abaddu abalala.”

61 Kye yava abuuza nti, “Naye, kati kiki ekimufuula ow’enjawulo ennyo ku baddu abasigadde bonna?”

62 Kko oli nti, “Owaaye, kino nange nnakyebuuza, okumala ekiseera ekiwera. Naye lumu ne nkizuula, nti, eri gye yava, kitaawe ye kabaka w’ekika ky’abantu ekyo kyonna. Kale newankubadde nga mugwira, era nga ali wala n’eka, naye era akimanyi nti mwana wa kabaka, era ye—yeeyisa nga mwana wa kabaka.”

63 Ne ndowooza muli nti, “Naye, ekyo, Omuddugavu eyava mu Afirika, bw’aba asobola okukitegeera nti kitaawe yali mukulembeze era kabaka wa kika, kisaanidde kukola ki eri Omukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw’okubiri, omusajja oba omukazi, abamanyi nti Kitaffe ye Kabaka w’Eggulu mu Kitiibwa!” Tusaanidde okweyisa nga abasajja n’abakazi Abakristaayo. Tusaanidde okweyisa mu ngeri ekyoleka, twambale mu ngeri ekyoleka, twogera mu ngeri ekyoleka, era tutambulire mu bulamu obukyoleka. Newankubadde tuli bagwira, naye tusigala tuli baana ba Kabaka. Amiina.

64 Enneeyisa yaffe, okuweebuuka kw’empisa kwaffe mu biro bino kaakano mwe tuli! Isiraeri baali baagwa mu kinnya kye kimu ekyo era nga nabo baasiiwuuka empisa. Beerabira amateeka ga Katonda agagamba nti, “Toyendanga, era teweegombanga mukyala wa muliraanwa wo,” n’amalala. Amateeka ago baagerabira. Baali—baali—baali tebakyagaagalirako ddala. Era ba—baali baagala ku—kubeera nga abalala bonna mu nsi, era nga ekkanisa bw’eri leero.

65 Lumu, Isiraeri, bwe baatandika, baayagala babeere ne kabaka abafuga. Samwiri n’abagamba, nnabbi eyali yatumibwa gye bali, n’ababuuza nti, “Naye kati nnina ekintu kyonna kye nnali mbagambye mu Linnya lya Mukama ne kitatuukirira?”

Ne bamugamba nti, “Nedda, tokikolangako.”

66 “Nnali mbasabye okumpa emmere ne ssente, ne, ssente zammwe, okusobola okumbezaawo?”

67 "Nedda, tokikolangako. Tolina kintu kyonna kye wali otugambye, Samwiri, ne kitaatuukirira. Era totusabanga ku ssente zaffe, kubeezaawo bulamu bwo. Naye, era, ffe mu buli ngeri, twagala kabaka."

68 Katonda kye yava agamba Samwiri nti, "Bawe kabaka. Tebagaanye ggwe; bagaanye Nze."

69 Isiraeri ne ku mulundi guno baali batuuse mu mbeera y'emu eyo. Baali tebakyayagala bannabbi ba Katonda. Nga tebabeetaaga. Era bwe waabangawo ajja, n'abaleetera Ekigambo, n'agezaako okubakomyawo eri Ekigambo, nga bakigaana. Lubeerera bakikola, mu ngeri eyo ey'obwonoonefu.

70 Ensi n'ekkanisa bwe byegatta awamu, babeera tebakyayagala kintu kyonna kya mwoyo. Babeera tebakyayagala BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Baagala bye baagala. Baagala ensi, n'okugamba nti Bakristaayo; babeere mu nsi, babeere n'ensi, era beeyise nga esi, mu kiseera kye kimu basigale nga baatula nga bwe bali Abakristaayo. Naye mumanyi, ensonga eri nti, kirwadde kya kuwunga okw'omwoyo. Ky'ekyo kyennyini. Tebamanyi kye bali. Beerabira bye balina okukola.

71 Singa wabaawo ajja leero, mu ngeri nga eyo, naye babeera bajja kumugaana mu ngeri y'emu. Baali balwadde nnyo, era ne leero bwe kiri. Baali tebakyasobola, kuddamu kweyoleka na bintu bisukkulumye maanyi ga buntu, kubanga baali tebabyagala. Ekigambo, Enjiri, baali tebakyabyagala. Endwadde y'ekibi yali ebayinze, ate baali bakyagala.

72 Ekibi kisanyusa omutima ogutakyusibwanga. Kirabika bulungi eri endowooza etakyusibwanga, naye ly'ekkubo ly'okufa. Tewali kisigadde wabula okufa. "Empeera y'ekibi kufa," era empeera eyo oteekwa okugikungula. Wasiga mbuyaga, era kati okungula embuyaga eyeebonga.

73 Obubonero obw'omwoyo n'okubuulira kw'omubaka eyatongozebwa Katonda, byali tebikyasiikuula mitima gyabwe. Abakazi baabatemanga obukule, ne babagamba nti, "Nze sseetaaga kugenda kuwuliriza bintu bya ngeri eyo." Ekyo bwe kiba tekizzeemu ne kibaawo! Kiki? Kirwadde kya kuwunga okw'omwoyo, ky'ekyo kyennyini kye kiri. Beerabidde nti Katonda y'omu n'Ekigambo Kye, era Tasobola kukikyusa.

74 Nnabbi bwe yagolokokanga mu biro ebyo n'awa akabonero ak'omwoyo, n'eddoboozi ery'omwoyo, n'abigobereza n'eddoboozi lya Katonda, baabisekereranga busekerezi ne babiŋŋoola.

75 Mumanyi enjogera ey'edda bw'egamba nti, "Abasirusiru nga bambadde engatto eziriko obusumaali, basaalimbira Bamalayika we batya okulinnya." Ekyo okuwunga kuno okw'omwoyo kye kukola. Kuleetera abantu okutuuka mu mbeera we babeera nga tebakyalina nneewulira yonna munda mu bo. Tebaagala kintu kyonna kya mwoyo.

76 Ggwe kwata olukuŋŋaana ddala olw'omwoyo, Omwoyo Omutukuvu mw'awonyeza abalwadde n'abikkula n'ebirowoozo by'omu mitima gy'abantu, oluteeke wakati mu makanisa gonna, mu lukuŋŋaana gaggadde wano mu kisaawe, olabe ekinaabaawo. Mu ddakiika ntono, buli omu ajja kusituka afulume agende. Tebibakwatako. Tebabyagala. Bajja kuwuliriza okubuulira okw'ebigambo eby'amagezi ag'obuntu.

77 Naye bwe kituuka ku Maanyi ga Yesu Kristo, n'okuzuukira Kwe, n'Omwoyo Omutukuvu, Ebyo tebabyagala, kubanga bibasalira omusango. Bibaleetera okukoleezebwa ne babeera ku muliro n'ekintu kye basaanidde okumanya. Weewaawo, tewali kukangavvulwa, kusanyusa mu kaseera ako nga kukolebwa. Naye, mwattu, bw'okugondera, ku—kubala ebibala eby'okwenenya. N'olwekyo tukiraba nti, okuwunga kuno okw'omwoyo bwe kukwata abantu, embeera gye babeeramu—gye babeeramu ebeera mbi nnyo. Kati tulaba ekintu kye kimu kati. Kati njagala oku. . .

78 Oteekwa okubaako ne kw'otegererwa. Oteekwa okubaako w'otuuka, n'otegeerwa kiki ky'oli. Obulamu bwo bulaga, akawungeezi kano, wa gy'ogwa. Ku bibiri weeyoleka nti oli mu Kristo oba wabweru wa Kristo. Toyinza kuba wakati. Teriiyo mutamiivu nga ate tatamidde. Teriiyo kinyonyi kiddugavu kyeru. Ku bibiri oli mulokole oba toli mulokole. Oli mutukuvu oba oli mwonoonyi, ekimu ku byo, era endaba yo ey'omwoyo gy'olina eri Ekigambo kya Katonda ekwoleka wa wennyini w'oyimiridde. Kituufu!

79 Ekigambo kya Katonda, kyanyweza, era ne kikakasa nti okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kukyali kwe kumu nga bwe kwali ku Lunaku lwa Pentekoote oba omulundi omulala gwonna. Era nti ne Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era Ekyo engeri gy'okitwalamu eyoleka oba olina ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo, oba nedda. Bwe kiri. Si nsonga oba oli mudiikoni, k'obeere na mubuulizi, tekikola. . . Weewaawo, endwadde eyo nabo, ebakwata. N'olwekyo tukiraba nti, endwadde eyo esiigibwa era ekwata buli omu. Kati ekyo tukirabye.

80 Kati, okubeera Omumerika. Okubeera Omumerika, nteekwa okweyoleka n'eggwanga lyange. Kati muwulirize n'obwegendereza. Okubeera Omumerika, bwe nnazaalibwa wano mu ggwanga lino, nnafuuka mutuuze, era nneeyoleka wamu n'eggwanga lino. Kyonna kye liri, nange kyendi. Kyonna kye lyali libadde, nange kyendi. Kubanga mmannyiddwa nti ndi Mumerika, n'olwekyo nnina okwetikka ensonyi zaalyo zonna, n'ekitiibwa kyalyo kyonna. Kyonna kye liri, nange kyendi, kubanga nneeyoleka wamu nalyo. Amiina. Njagala mukifune. Nneeyoleka nga munnansi w'Amerika, kitegeeza kyonna kye yali ebadde, nange kyendi. Kyonna ky'eri, nange kyendi. Nteekwa okuba ekitundu ku yo. Nnina. . . bwe mba nga ndi munnansi

w'Amerika, kitegeeza ndi kitundu ku Amerika. Era kyonna ky'eri nange kyendi.

81 Kino ssirina kukyerabira n'omulundi n'ogumu. Bwe mba nga njagala okusigala nga ndi munnansi w'Amerika omutuufu, nteekwa okujjukira nti ndi ekyo eggwanga lyange kye liri, kubanga nneeyoleka wamu n'eggwanga lyange. Okulyerabira, manya—manya . . . Okulirwanirira, oba okulifiirira, oba okuyimirira ku lw'ebyo byonna bye likkiririzaamu, nteekwa okuyimirira ku lwalyo. Kyonna eggwanga lyange kye liri, nange kyendi. Kyonna kye likkiririzaamu, nange nkikkiririzaamu. Nze okusobola okubeera Omumerika ayagala ensi yange, nnina okuba omwetegefu okugifiirira, okugirwanirira, okuyimirira ku lwaayo, okukola buli kimu kyonna. Ndi kitundu ku yo. Toyinza kulikonjera n'oba nga nze tonkonjedde. Bw'ogyoogerako ekintu kyonna, obeera okyogedde ku nze, kubanga ndi Mumerika. Bwe bakwogerako ekintu kyonna, nga Omumerika, n'ekyo kye babeera boogedde ku ggwanga lino, byonna baba babyogedde ku ggwe, kubanga oli kitundu ku lyo. Ekyo togezanga n'okyerabira; bw'olikyerabira, nkukakasa, oliba olwadde ekirwadde ky'okuwunga.

82 Ate, jjukira nti, toyinza kuba munnansi w'Amerika nga tosobola kufuuka kitundu ku yo. Oteekwa okuba ekitundu ku yo, Amerika ky'eri, naawe ky'oteekwa okuba. Nteekwa okuba ekitundu ku yo. Lino ggwanga lyange, nteekwa okuba ekitundu ku lyo. Kyonna kye liri, nange kyendi. Mulaba, kye lyali, nange kyendi. Si nsonga kiki kye lyali, era ndi ekyo kye lyali.

83 Nze okubeera Omumerika, nange nnali omu, ku baagoba ku kizinga kya Plymouth Rock, ne bajjajjaffe. Nnalina okuba omu ku bo; ndi kitundu ku lyo. Nneebagala embalaasi ne Paul Revere, okulabula eggwanga lino akatyabaga akaali kalyolekedde. Bwemba Mumerika ddala yennyini, nnaggukira ku Plymouth Rock. Nneebagala embalaasi ne Paul Revere, okulirabula ku katyabaga akaali kalyolekedde. Kati mutegeera kye ntegeeza?

84 Nnasomoka omuzira gwa Delaware, wamu ne George Washington, n'abajaasi abataalina ngatto mu bigere. Nnaliyo, kubanga nneeyoleka wamu n'eggwanga lino. Kye yakola mu kiseera ekyo kyali kitundu ku nze, nange kye nkola kati kiri kitundu ku ye. Nneeyoleka wamu ne Washington, ku Delaware.

85 Nnayimirira ne Stonewall Jackson, olutalo bwe lwali lunyinyitidde nga talina kakisa ka kuwangula balabe, ne bamubuuza nti, "Oyinza otya okuyimirira nga oli munywevu ng'ekisenge eky'amayinja, nga olutalo lunyinyitidde luti?" Musajja wattu ow'amaaso ag'emmunye eza bbululu eyeebwalabwala, n'asamba enfuufu n'engatto ze, n'agamba nti, "Ssinywa lwendo lwa mazzi okutuusa nga nneebazizza Katonda Ayinza byonna olw'ekyo ekiba kikoleddwa." Nnina okuyimirira wamu naye nga ndi munywevu ng'ekisenge ky'amayinja.

Nnayimirira mu kiseera ekyo ne Stonewall Jackson. Okubeera Omumerika, nneeyoleka wamu naye ne kye yali alwanirira. Okusomoka omugga gwa Delaware! Okulwana entalo!

86 Nnawanika bendera. Nnali wamu nabo bwe baawanika bendera ku kizinga kye Guam. Oluvannyuma lw'enkumi n'enkumi z'abajaasi b'Amerika okuwaayo obulamu bwabwe, era akabinja ako akatono bwe kadduka ne kagenda kawanika bendera waggulu, nnaliwo bwe baali bawanika bendera eyo; buli omu ku ffe yaliwo. Bannansi b'Amerika bonna beeyoleka wamu n'okuwanikibwa kwa bendera eyo mu Guam. Bwe nnawulira nti bendera eyo baali bagiwanise waggulu, nnakulukusa amaziga. Oyo yali nze. Oyo yali ggwe. Ekyo kyali kitegeeza ffe ffenna, bwe tweyolekera awamu nakyo nga kikolebwa.

87 Eggwanga lyange kyonna kye liri, nange kyendi. Ekitiibwa kyalyo kyonna nange kitiibwa kyange. Obuswavu bwalyo bwonna nange bwange. Bwe liba lyakola ebiswaza, nange nnina okutangaalira e . . . okugumira ekivume kyalyo. Bwe lifuna ekitiibwa, nange nfunira wamu nalyo ekitiibwa, kubanga neeyoleka wamu nalyo. Kati, okweyoleka, nga Omumerika omuntu alina okugumira ekivume ky'Amerika kyonna, ekitiibwa ky'Amerika kyonna, kyonna kye yali ebadde. Kyonna ky'eri, oba ky'eriba, byonna weeyoleka nabyo.

88 Kati, n'okubeera Omukristaayo omutuufu, olina okukola ekintu kye kimu. Ekyo tetwagala tukyerabire. Byonna bye Yali, nneeyoleka wamu Naye. Nneeyoleka wamu Naye.

89 Mwekkaanye, era Ali mu nze, nange ndi mu Ye. Mwetegereze, kitegeeza, buli Mukristaayo nga Mukristaayo—Mukristaayo yennyini owa nnamaddala, yali wamu Naye, "Emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu n'abaana ba Katonda ne basagambiza olw'essanyu, nga n'ensi tennatondebwa." Twaliyo mu butafa wamu ne Katonda, emyaka obukadde kkumi nga ensi tennatondebwa. Nnaliyo wamu Naye. Bwemba nnina Obulamu Obutaggwaawo, nnaliyo wamu Naye. Nneeyoleka wamu naye, "Emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu n'abaana ba Katonda ne basagambiza olw'essanyu."

90 Nnali wamu Naye bwe yayita Ibulayimu ku myaka—nsanvu mu etaano, nga mukyala we wa nkaaga mu etaano, n'amugamba nti baali bagenda kuzaala omwana. Nnali wamu naye bwe yanywerera ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, "Omwana oyo ŋŋenda kumuzaala." Nnayimirira wamu naye. Na buli Mukristaayo yenna yayimirira wamu naye. Nnali wamu naye ebikemo bye bwe byajja. Nnali wamu naye bwe yayambuka waggulu ku lusozi, okuwaayo Isaaka. Nnali wamu naye endiga ennume bwe yalabika.

91 Nnali wamu ne Yusufu baganda be bwe baamugaana, kubanga yali wa mwoyo nga abasigadde ba mubiri. Nnali wamu naye bwe yamanya ekivume kye yalina okugumira okuva eri

baganda be bennyini. Kyonna kye yali, nange kyendi. Kyonna kyendi, naye kye yali. "Kubanga ffenna tuli omu mu Kristo Yesu." Nnali wamu ne Yusufu mu mpuku ye, mu ntaana. Nnali wamu naye bwe yagenda okutuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Falaawo. Walina okweyoleka naye.

92 Nnali wamu ne Yakobo ekiro ekyo bwe yameggana ne Malayika okuyita mu kiro kyonna. Nange nga nze, mmegganye. Mmanyi kye yayitamu. N'olwekyo nnameggana wamu ne Yakobo mu kiseera kye kimu we yali amegganira, kubanga ndi muganda we.

93 Nnali wamu ne Musa bwe yaserengeta e Misiri. Nnali wamu ne Musa ku kisaka ekyaka. Bw'oba oli Mukristaayo, weeyoleka wamu n'abantu abo ab'omu Bayibuli. Tokyerabira! Nnali wamu ne Musa abantu bonna bwe baamwefuulira. Nnali wamu ne Musa bwe yasomoka Ennyanja Emmyufu. Bwe yagolola omukono gwe n'agenda mu maaso, Ennyanja Emmyufu ne yeeggulawo, nnakiikirirwa mu Kristo mu kiseera ekyo, era nnali wamu ne Musa mu kaseera ako.

94 Abakristaayo bonna abaali babaddewo, abakkiriza bonna abaali babaddewo, buli mukkiriza kaakano yeeyoleka wamu n'omuntu oyo y'omu. Kyonna kye kiri, oteekwa okweyoleka. Ekyo tokyerabira. Bw'okyerabira, obeera olwadde ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo; obeera weerabidde ky'oli.

95 Kati nneeyoleka wamu naye, ne Musa, bwe yasomoka ennyanja.

96 Nnali wamu ne Eriya mu biro bya Akabu, bwe baalina okulondawo ani gwe banaaweereza, Katonda oba Balamu. Twali wamu naye ku Lusozi Kalumeeri, bwe yalina okukola okusalawo kuno, kubanga tweyolekera mu Mubiri gwa Katonda y'omu mwe yeeyolekera. N'olwekyo bwe tuba tweyolekera mu Mubiri ogwo, kati awo tuteekwa okukijjukira nti twaliyo wamu naye. Bwe kiri.

97 Kati, nnali wamu ne Dawudi, baganda be bennyini bwe baamugaana. Nnali wamu ne Dawudi; naawe, wali naye, bw'oba oli Mukristaayo. Olina okweyoleka awamu n'okugaanibwa kwe.

98 Nnali wamu n'abaana Abaebbulaniya, mu kikoomi ky'omuliro, omuliro bwe—bwe gutaayinza kubookya olw'Okubeerawo kw'Omusajja ow'okuna.

99 Nnali wamu ne Danyeri, mu bunnya bw'empologoma. Nnaliyo munda eyo, Malayika wa Mukama bwe yamusisinkanayo.

100 Mazima ddala nnali wamu Naye e Kalivaaliyo. Nteekwa okweyoleka Naye e Kalivaaliyo. Nteekwa okuba nga nnina ekifo we nnali, nti, ssaaliyo bubeezi wamu Naye e Kalivaaliyo, wabula n'okufa nnafa Naye e Kalivaaliyo. Buli Mukristayo ateekwa okufa Naye e Kalivaaliyo. Bw'otafa Naye e Kalivaaliyo, tosobola kuba omu ku Babe. Nnaliyo bwe Yafa. Nnafa Naye. Naye era

nnali wamu Naye bwe yazuukira okuva mu bafu. Nnazuukira wamu Naye ku makya ga Paasika, mu kuzuukira. Buli kye Yakola, nnali wamu Naye; na buli mukkiriza yali naye.

101 Era kaakano ntudde wamu Naye mu Bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu, nga amaanyi g'emagombe gonna gawanguddwa, okuyita mu Ye. Buli mukkiriza yenna Omukristaayo yali atudde wamu naye mu ngeri y'emu, kubanga oteekwa okweyoleka.

102 Kati nneesanga, mu nnaku zino ez'oluvannyuma, nga ndi wamu n'abangi ku bakkiriza Abakristaayo, nga tweyoleka wamu mu buweereza Bwe. "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Nneesanga, mu nnaku zino, nga neeyoleka mu buweereza Bwe. Nammwe mwesanga nga muli bwe mutyo, nga mubukkiriza, mutambula nabwo? Mulabeeyo, emirimu gye Yakola, Yagamba nti omukkiriza alikola ekintu kye kimu. "Emirimu gye Nkola nammwe muligikola." Kati osobola okweyoleka Naye? Era ekivume bwe kijja eri Ekigambo, osobola okugumira ekivume nga bwe Yakola, olaba, ne weeyoleka Naye? Nneeyoleka wamu Naye.

103 Nnali wamu Naye ku Lunaku lwa Pentekoote. Nnali wamu n'abayigirizwa waggulu eyo, nneeyoleka wamu nabo mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

104 Nneewuunya oba ekkanisa ekirwadde ky'okuwunga okwo okw'omwoyo tekyagikosa nnyo okutuusa okuba nti, abamu ku bo, tebakkiriza na kukkiriza nti waliyo Omwoyo Omutukuvu. Mulaba ekkanisa w'etuuse? Embeera embi ennyo ey'ekirwadde ky'okuwunga! Mulaba, beerabidde nti oyo yali Yesu Kristo mu kiseera ekyo. Beerabidde Yesu Kristo kye yali. Bakyerabidde. Baalowooza nti Yali mu—mukozi w'amateeka, oba nnabbi, oba o—omuntu omulungi. Beerabidde nti Yali Katonda. Beerabidde nti Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era ekkanisa eri mu mbeera embi ennyo ey'ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo. Bino byonna baabyerabira. Tebakyabitegeera.

105 Tuteekwa okubeera awamu n'abayigirizwa ku Pentekoote, nga tweyoleka wamu nabo. Nneeyoleka wamu n'obubaka bwa Peetero ku Lunaku lwa Pentekoote, mu Bikolwa by'Abatume essuula ey'oku 2. Nnawulira kye yayogera. Nzikiriza kye yayogera. Nnagondera kye yayogera. Era kati nneeyolekera mu kintu kye kimu.

106 Tokwatibwa endwadde y'okuwunga okw'omwoyo. Kubanga, ojja, kwesanga olina ekintu ekirala kye weeyoleka nakyo. Nywerera ku Kigambo ekyo!

107 Twali wamu n'Ekkanisa Yesu Kristo bwe yali agituma, mu Bikolwa by'Abatume, essuula ey'e 16. "Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna." Njagala nneeyoleke n'ekyo nti, "Ensi yonna, eri ebitonde byonna." "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza," mbeere nga nsobola okweyoleka n'ekyo.

108 Naye, kati, ekyo weeyoleka nakyo, oba walwala ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo, ne weesanga nti tokkiriza nti obubonero obwo bugoberera abakkiriza? Okiraba, bw'oba tokikkiriza, kitegeeza walwala ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo, okiraba, weerabira nti ekyo Katonda ye yakisuubiza. Yabagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Tokyerabiranga. Tosobola kukyerabira n'obeera Mukristaayo. Oteekwa okweyoleka nakyo.

109 Oteekwa okweyoleka n'enjiri y'Omutukuvu Yokaana essuula ey'e 14, olunyiriri olw'e 12. "Oyo akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Ekyo tokyerabiranga. Bw'okyerabira, obeera okwatiddwa ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo. Obeera weerabidde ky'oli. Obeera weerabidde obujulizi bwo kye butegeeza.

110 Ate, bwe Yagamba nti, "Bwe munaabeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, musobola okusaba kye mwagala era kinaabakolerwa"? Ekyo weeyoleka nakyo, okukkiriza nti ago ge Mazima? Makko 11, bwe Yagamba nti, "Bw'oligamba olusozi luno nti, 'sigulibwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, naye n'okkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira, ky'oyogedde osobola okukifuna." Ekyo osobola okweyoleka nakyo, n'okikkiriza nti ago ge Mazima? Bw'oba tosobola, kitegeeza wakwatibwa ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo.

111 Ate—ate bwe weerabira, ofiirwa ekifo kyo nga Omukristaayo. Obeera tokyamanyi wa w'ogwa. Oyinza okugamba nti, "Ndi Mumesodisiti. Ndi Mubaputisiti. Nze kye kyokka kye mmanyi. Ndi Mupentekoote. Ndi *kino, kiri,* oba *ekirala*." Weegendereze! Ekyo kyandiba nga kiraga nti olabikako obubonero bw'endwadde, obulaga nti olina ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo.

112 Oyinza okugamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, *kino* kyo nki—nkikkiriza, naye ssi . . . " Kati lindako katono. Ebintu bino Katonda bw'aba yasuubiza okubikola, era n'agamba nti biribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma, naye nga ekikwate ky'enzikiriza yo kikukugira oleme kubikkiriza, ako kabonero kalungi akalaga nti nkulabako akabonero akalaga nti endwadde eyo ekuliko. Ekyo kirwadde eky'okuwunga okw'omwoyo. Weerabidde okweyoleka n'Ekigambo.

113 Ogamba nti, "Nze sikkiriza nti abalwadde bawonyezebwa." Olina ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo.

114 Ogamba nti, "Sikkiririza mu kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu." Ekyo kirwadde kya kuwunga okw'omwoyo!

115 Ogamba nti, "Si—sikkiriza nga ebintu bino Katonda yasuubizaako okubikola mu nnaku ez'oluvannyuma." Ekyo kiraga nti olina ekikwate ky'enzikiriza kye wawuliriza, oba enjigiriza ey'engeri emu, mu kifo ky'okuwuliriza Bayibuli. Olina ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo. Kitegeeza

tokyamanyi gy'ogwa. Ogamba, "oli Mukristaayo," naye ate Ekigambo okisambajja. Kikukomyaawo nate ku kirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo, olaba, tomanyi w'oyimiridde. Olina ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo. Tosobola kweyoleka na Byawandiikibwa.

116 Oteekwa okukkiriziganya n'abayigirizwa. Oteekwa okukkiriziganya n'Ebyawandiikibwa byonna, wamu n'Ekkanisa lwe yatumibwa. Naye, kati, Ekkanisa bwe yatumibwa nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri; obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza," ogwo gwe mulimu ogwagiweebwa. Naye kati ba . . . Ogwo gwe mulimu ogwagiweebwa.

117 Naye kati bali mu mbeera embi ennyo ddala ey'ekirwadde kino eky'okuwunga okw'omwoyo, nga ekyakwata Kaawa ku . . . ekyamukwata, lumu, mu lusuku. Era kati eri nga Isiraeri, nga erina ekirwadde kye kimu, embeera embi eva ku kulya emmere gye bagabula mu ttendekero ly'eby'eddiini ejja kukulwaza ekirwadde eky'okuwunga okw'omwoyo. Ggwe ojje olye ku mmere y'ettendekero ly'eby'eddiini, ojja kulwala, era, olunaagira oti, ojja kufuna ekirwadde eky'okuwunga okw'omwoyo ekibi ennyo. Nga tokyakkiriza kintu kyonna Bayibuli ky'egamba.

118 Ogwo gwe mutawaana ekkanisa gw'erina ensangi zino. Eyo y'ensonga lwaki leero tetukyasobola kuba na kudda buggya. Ogwo gwe mutawaana oguli ku bantu leero. Babawalabudde olwa buli kimu, na buli kabondo ka nzikiriza akabalusengawo, ne batuuka okuba nga tebakyasobola kwawula kituufu na kikyamu. Mazima ddala. Ekkanisa tekyajjukira Mukama waayo. Tekyajjukira Kigambo Kye. Tekyajjukira kisuubizo.

119 Ogwo gwennyini gwe mutawaana Isiraeri gwe yalina, Yesu we yajjira. Baali tebakyajjukira, nti, "Embeerera eriba olubuto." Baali tebakyajjukira nti Musa yagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi alinga Nze." Baalina ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo.

120 Ky'ekyo kyennyini ekkanisa ky'erina leero. Yagamba nti, "Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma," nti ebintu bino biribaawo, bye tulaba nga bikolebwa, naye ekkanisa eri awo etangaaliridde butangaalirizi. Kiki? Kuwunga okw'omwoyo. Tweyita Bapentekoote, naye tetusobola na kweyoleka, tetusobola kwezuula mu Kigambo nga Kibuuliddwa mu maanyi ag'okuzuukira kwa Kristo; ate nga Ali mu makkati gaffe wano, nga akolera ddala ekyo kyennyini kye Yagamba okukola. Kati nno, mwegendereze, enkola zaffe ez'amadiini zaatuviirako okulwala ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo. Tubonaabona. Tetumanyi we tugwa. Omu akwata empapula ze n'azitambuza okuva mu kkanisa *eno* n'azitwala mu kkanisa

endala, ne mu kkanisa *eno*, ne mu kabondo *kano* ne mu kabondo *kali*. Mukiraba?

121 Kye twetaaga, nate, ye Amosi omulala okujja, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Tunaamusembeza? Tujja kukola nga bwe baakola. Tebaamusembeza. Ne leero tebayinza kumusembeza. Kyenkana, teyalina wantu wonna we yali ayinza kugenda, kubuulira. Kati, ago ge mazima gennyini, kubanga ekkanisa yalwala ekirwadde kino eky'okuwunga okw'omwoyo.

122 Kati, lwaki? Katonda yasuubiza mu nnaku zino ez'oluvannyuma nti, "Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa," okusinziira ku Lukka, essuula ey'e 17, "akabonero akaakolebwa e Sodoma, kaliddamu nate ne kakolebwa." Naye abantu bakalaba nga kakolebwa, naye abamu n'okukakkiriza tebakakkiriza. Balowooza kusoma birowoozo by'abantu. Balowooza mwoyo gwa ssetaani. Naye kiki? Kirwadde kya kuwunga okw'omwoyo. Ky'ekyo kyennyini. Mukama tebamutegeera. "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Kye yali mu kiseera kiri, ky'Ali ne kaakano.

123 Naye, kiki ekibaddewo, tetukyasobola kweyoleka na Kigambo. Lwaki? Ekkanisa, temanyi oba kibiina kya munno mu kabi oba kkanisa. Teyagala kuyitibwa kibiina kya munno mu kabi, ate teyinza kuyitibwa kkanisa; kubanga okuyitibwa ekkanisa, erina ekweyoleka ne Kristo. Ate ekyo kigirwaza ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo. Naye ate teyagala kuyitibwa kibiina kya munno mu kabi. N'olwekyo si kkanisa y'Abapentekoote, oba ekkanisa y'Abamesodisiti, oba ekkanisa y'Ababaputisiti; wabula kibiina ky'Abapentekoote ekya munno mu kabi, kibiina ky'Amesodisiti ekya munno mu kabi, kibiina ky'Ababaputisiti ekya munno mu kabi, kubanga teyinza kweyoleka na Kigambo. Kubanga Ekigambo ne bwe kirabisibwa, era tebakikkiriza. Bulwadde, obw'okuwunga okw'omwoyo. Tebamanyi kye bali; tebamanyi gye bagwa. Bwe kiri.

124 Kifaananira ddala n'enkola ey'okugattika endyo z'ebintu. Nga bwe ntera okugamba nti, "Bulijjo ndowooza ku kimu ku bintu ebisingayo obusiru bye nnali ndabye y'ennyumbu." Olaba, ennyumbu eyo maleeto. Olaba, maama waayo yali mbalaasi, taata waayo yali ndogoyi, kati bambi ne ky'eri tekimanyi. Era ky'olina okumanya, o—o—o—osobola okugattika ensigo yaayo n'ofuna endogoyi, ate . . . manya n'ofuna ennyumbu, naye ennyumbu tesobola kuddamu kwezaala. Olaba, tesobola. Tolina kintu kyonna ky'osobola kugiyigiriza. Ya ggume. Tolina ky'osobola kugigamba . . . Osobola okubaako ne ky'ogigamba mu matu gaayo ago amanene era amawanvu. Naye ejja kulinda okutuusa ku lunaku olusingayo obuwanvu mu bulamu bwayo, nga tennafa, ekukube olusambaggere. Kye kyokka. Ebeera erindiridde wabeewo ekintu kyonna ekutomere, nga efunye akaagaanya.

125 Era ekyo kindeetera okulowooza ku bangi abayitibwa Abakristaayo naye nga maleeto. Bagattise ekkanisa okutuusa lwe bafunyeemu ekirwadde ky'okuwunga okw'omwoyo. Tebalina kye basobola kuddamu kuzaala.

126 Boogera ku kasooli maleeto. Kasooli maleeto taliimu makulu yadde. Kye kintu ekisingayo obubi ky'osobola okuteeka mu kamwa ko, ekintu kyonna nga maleeto. Y'ensonga lwaki mulina okutwala ebirime bino bye basimba mu bibya, ne bi maleeto bino byonna, ne mubifuuyira ne mubijjanjaba ne mubirabirira nga omwana omuwere. Lwaki? Kubanga tebisobola kulwanyisa biwuka bibirumba.

127 Naye omuntu oyo ensigo eri yennyini, nnakabala, teweetaaga kumufuuyirako ddagala lyonna litta buwuka. Alina Amaanyi munda mu ye, okulwanyisa obuwuka n'abwegobako. Ekyo kye kitwala okwegobako ebiwuka eby'obutakkiriza mu muntu ddala eyajjuzibwa Omwoyo.

128 Ggwe ddira ennyumbu, ogezeeko okwogera nayo, ogigambe nti, "Owaaye, ggwe, njagala okole *kino,* na *kiri*."

129 Ejja kutuula awo nga ewoza kimu, "Haw! Haw! Haw!" Nga bw'esitula amatu gaayo ago amanene wansi ne waggulu. Nnina bangi abayitibwa a—Abakristaayo ab'engeri eyo, be ndabye.

130 Obagamba nti, "Yesu Kristo aba bumu jjo, n'emirembe gyonna. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza."

131 "Haw? Nze nzikiriza ennaku z'ebyamagero zaayita. Haw? Haw? Haw?" Okiraba, ne ky'akkiriza kyennyini takimanyi. Talina ky'amanyi. Tamanyi gye yava; ne gy'alaga tamanyiiyo. Yalwala endwadde y'embalaasi ey'okuwunga. Gye yava tamanyiiyo, kale tayinza kweyongera mu maaso.

132 Naye njagala olulyo lw'embalaasi luli nnakabala. Ha, ebeera nzikakkamu. Osobola okwogera nayo. Emanyi taata waayo, emanyi maama waayo, emanyi jjajja waayo omusajja ne jjajja waayo omukazi. Erina n'empapula eziraga olulyo mw'esibuka.

133 Naye njagala Omukristaayo amanyi olulyo mw'asibuka, asobola okuddayo emabega ku Kigambo kya Katonda, ku lunaku lwa Pentekoote, ne yeeyoleka wamu n'abatukuvu mu kiseera kiri, Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu we gaabakkirako. Oyo ye Mukristaayo amanyi olulyo mw'asibuka. Amanyi gye yava. Teeyeeyoleka nga Mumesodisiti, oba Mubaputisiti, oba ekintu ekirala kyonna. Yeeyoleka mu Kigambo kya Katonda. Amanyidde ddala wa wennyini w'ayimiridde. Omusaayi gwa Kitaawe ogw'olulyo olulangira gumukulukutiramu; Omusaayi gwa Yesu Kristo. Amanyi kye Gukola! Akkiriza buli Kigambo. Katonda akola okuyita mu ye era n'akikakasa n'obubonero bwe Yasuubiza obw'okugoberera. Oyo aba talina ndwadde ya kuwunga okw'omwoyo. Abeera lulyo lwennyini nnaakabala. Ekyo nkyagala nnyo.

134 Naye ekkanisa ensangi zino erina endwadde embi ey'okuwunga okw'omwoyo. Temanyi gy'egwa. Yeerabira dda ebigikwatako, yeerabira dda ebintu bino byonna ebigifuula Ekkanisa.

135 Kiki ekitugaggawaza ennyo bwe tuti? Ezzeeyo mu mbeera ya Lawodiikiya nate, mu mbeera eri ey'obugagga nga Isiraeri bwe yali. Mu kusooka bwe yali ekyali njavu yeesiganga Katonda mu buli kye yakolanga, na buli kimu kye yalina, yeesiganga Katonda; era Katonda yali nayo, era yali ya mwoyo, era nga egenda mu maaso. Naye bwe yagaggawala, kiikino ekyabaawo: ebibuga byabwe byazimbibwa, abakazi baabwe ne baweebuuka empisa, abasajja baabwe ne bakiganya okugenda mu maaso, ababuulizi baabwe ne bassa omutindo, ne balangira bannabbi baabwe nga bwe baali abakyamu. Era eyo y'embeera mwe baali. Naye kiki ekyakireeta, kwali kwerabira wa emikisa egyo gye gyava.

136 Nammwe Abamesodisiti, nammwe Ababaputisiti, nammwe Abapulesibeteriyani! Mmwe Abamesodisiti mujjukira bulungi John Wesley. Nammwe Ababaputisiti! John Smith yakaabanga olw'ebintu abantu bye baali bakola okutuusa mukyala we lwe yalina okumukulembera okumutwala ku mmeeza, nga amaaso gazimbye tegakyalaba, olw'okukaaba okukeesa obudde nga asaba. Mutawaana ki?

137 John Wesley n'agamba nti ekimu ku bintu ebikulu... Alabika yali omu ku bakadde b'enzikiriza y'Abamesodisiti y'eyagamba nti, "Ekivume ekireeteddwa abaana abawala ab'ekkanisa y'Abamesodisiti, kwali kutandika kufaanana nsi, ne bambala empeta ku ngalo zaabwe." Yandyogedde ki kati, nga bambala mpale nnyimpi?

138 Kiki ekyabaawo? Kuwunga mu mwoyo. Mazima ddala kye kiri, mwerabira gye mwava. Ebintu bino byonna mubirina kubanga okugaba kwa Katonda, n'obulungi bwe bye byabibakolera.

139 Kino mulowooza kyewuunyisa? Kikwataganira ddala n'Omwoyo gwa Yesu Kristo, obunnabbi. Mu Kubikkulirwa, essuula ey'oku 3, wagamba nti, "Kubanga ogamba nti, 'Ndi mugagga, ssirina kye nneetaaga,' so tokimanyi nti oli mwavu, muzibe wa maaso, munaku, asaasirwa, ali obwereere, naye nga tokimanyi" Mukiraba, takimanyi! Kiki? Kuwunga mu mwoyo. Tebakimanyi.

140 Amakanisa olwa leero galina—ssente. Kizibu nnyo, okusanga ekkanisa, mu ggwanga, ey'ekibiina ky'eddiini, etabalirirwamu bukadde na bukadde bwa ddoola. Bateeka obukadde n'obukadde bwa ddoola mu kuzimba ebizimbe ne mu bintu ebirala, bwe bava awo ne babuulira nga Okujja kwa Mukama waffe bwe kusembedde. "'Mugagga,' era agamba nti, 'Ssirina kye nneetaaga.'" Balina ababuulizi abasingayo okuba

abayivu, abaakenkuka mu njigiriza y'eddiini okusinga be baali babadde nabo. Balina n'ebizimbe ebisingayo obunene, mu bifo ebisingayo obulungi mu kibuga. Baddembe okukola buli kimu kyonna kye baagala okukola. Naye baakola ki? Baakwatibwa ekirwadde ky'okuwunga mu mwoyo ne beerabira nti ebintu ebyo Katonda ye yabibakolera, era nga Isiraeri.

141 Era Bayibuli yalagula, Yesu Kristo yatuma Malayika We eri Yokaana n'agamba nti, omulembe guno ogusembayo guliba n'ekirwadde kino eky'okuwunga mu mwoyo. Baali "banaku," jjukira. Balowooza ba kitalo. Balowooza waliwo kye balina. Naye Yagamba nti baali "banaku, abasaasirwa, abazibe b'amaaso, abali obwereere, nga n'okukimanya tebakimanyi." Ate tewali ngeri ya kukibagamba.

142 Kati, singa ku luguudo wano wabaawo omusajja, eyeejeegudde, oba omukazi, nga ali bwereere, ku luguudo, naye nga muzibe wa maaso, ekyo nga kyandibadde kyennyamiza okuba mu mbeera bw'etyo. Naye kati singa omuntu oyo abadde ategeera bulungi, nga amanyi ky'ali, nti muntu, era alina okwambala engoye; awo wandigenze bugenzi gy'ali; kubanga—kubanga muntu, alina okweyisa nga abantu bwe beeyisa; naye ali eyo, "munaku, asaasirwa, muzibe w'amaaso, ali bwereere." Naye bw'ogenda gy'ali, n'omugamba nti, "Ow'oluganda, oli bwereere."

143 "Kati, leka nkubuulire ggwe! Ye nze Dokita *Gundi*! Ggwe faayo ku bikukwatako. Nze gw'oliko, ndi wa nzikiriza *Gundi! Ggwe* omutukuvu eyeevulunga, tolina w'otandikira, kubaako kintu kyonna ky'oŋŋamba!" [Ebbanga ejjerere ku lutambi—Omuk.]

144 Kakutande obagambe nti, "Kikyamu omusajja okukola kino, n'abantu okukola ebintu bino bye bakola."

145 Bajja kukutegeeza nga omubuulizi waabwe bwe yabangulwa era bw'ategeera ennyo. Mukiraba? Kiki? Omutawaana guli nti, beerabira amateeka ga Mukama waffe Yesu. Era leka Akke wansi akole obubonero n'ebyamagero bye yagamba nti Alibikola, tebaagala kubikkiriza. Kirwadde kya kuwunga mu mwoyo. Mukiraba, beerabira! Era bali bwereere, naye tebakimanyi, tebakitegeera nti bali bwereere.

146 Balowooza nti, "Kubanga ndi wa kkanisa gundi, kye kyokka ekyetaagisa." O, ow'oluganda, ekyo eri Katonda tekirina njawulo na kuba wa kibiina kya ba Mason oba ekirala kyonna, oba ekibiina kya munno mu kabi. Okubeera mmemba w'ekkanisa, ekyo tekirina makulu gonna eri Katonda.

147 Mulina kuba baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Mulina okuzaalibwa Katonda, ate Katonda ye Kigambo. Bwe nnafuuka ekitundu ku kitange, nzenna nnafuuka kitange. Naawe bw'ofuuka kitundu ku Katonda, ofuuka Katonda, mu

bujjuvu. Ekigambo Kye mu bulamba bwakyo, okikkiriza kyonna kyonna.

Ekirwadde ky'okuwunga mu mwoyo!

148 Watya singa weesanga nga tokyamanyi linnya lyo? Ate nga, ova mu maka amalungi, kye nsuubira nti ge muvaamu, nga ova mu maka ag'abantu abalungi, naye watya singa weerabira erinnya ly'amaka ago, n'ojja wano, n'otandika okweyisa mu ngeri ekumalamu ensa? Ne bakugamba nti, "Si ye ggwe Jones," oba kyonna erinnya lyo kye liri. N'ogamba nti, "Nze, ssimanyi oba nze ani." Mukiraba? N'olwekyo, mukiraba, ekyo kintu kibi nnyo, kibi nnyo okutuuka mu mbeera bw'etyo.

149 Naye, kati awo ekkanisa w'etuuse. Erina kukiikirira Yesu Kristo. Naye ekyo yakyerabira, kubanga, yayingizibwamu, ebikwate eby'enzikiriza n'ebibiina by'amadiini, bye bakkiriza mu kifo ky'Ekigambo. "Era bali bwereere, bazibe ba maaso, banaku abasaasirwa, naye nga tebakimanyi," ate tewali ngeri ya kukibagamba.

150 Nnyinza obutakomawo mu Birmingham, naye guno gwe mulundi lwe balina okukiwulira. Mukiraba? Mukiraba? Bwe kiri. Nze...Ssivunaanyizibwa ku kintu kirala kyonna okuggyako okusiga Ensigo. Katonda y'agiruŋŋamya mu ttaka w'Eteekwa okugenda.

151 Beerabira, weewaawo, beerabira Ekigambo ky'ekisuubizo. Beerabira. Isiraeri eyo y'embeera mwe yali Yesu we yajjira. Baali beerabira. Baali balindirira, weewaawo, baagamba nti baali bakkiriza nti Masiya agenda kujja. Naye Masiya bwe yajja ne Yeeyoleka okuyita mu Kigambo, baalina obulombolombo bungi okutuusa nti baaleetera Ekigambo kya Katonda okuba nga ekitakyalina maanyi.

152 Era Yesu yasuubiza nti, nga enkomerero tennatuuka, "Nga bwe kyali e Sodoma, bwe kityo bwe kiriba." Era kirirabisibwa, naye abantu bajjudde obulombolombo obuyitirivu okutuusa lwe baleetedde ekisuubizo kya Katonda okuba ekitalina maanyi, olw'obulombolombo bwabwe. Kirwadde kya kuwunga mu mwoyo! Kuwunga mu mwoyo kwennyini ddala. Olaba, ebintu bino baabyerabira.

153 "Ha, nze ndi wa *kino*. Na—nnakola *kino*. Nnali nziniddeko mu Mwoyo. Nnakola *kino*." Naye, bannange, bannange, ebyo tebirina kakwate konna nakyo, yadde n'akatono.

154 Oyinza otya okubeera Omukristaayo ate n'osambajja Ekigambo? Tosobola kukikola. Katonda ye Kigambo. Ekigambo bwe kiba mu ggwe, ggwe n'Ekigambo muba kimu. Kyonna Ekigambo kye kiri, naawe ky'oli. Amiina. Nga bwe ndi mu mulembe guno, kitegeeza ekitundu kino eky'Ekigambo ekyasuubizibwa eri omulembe guno, ekyo kyennyini kye nteekwa okuba. Bwe mba ow'okubeera Omukristaayo, nteekwa okweyoleka na buli kimu Bayibuli ky'ebuulira era ky'eyigiriza.

155 Aleruuya! Ndaba era, bajja kumpita omutukuvu eyeevulunga, ate mpulira nga kati nnyingidde ddala mu mwoyo. Yee, ssebo.

156 Nteekwa okweyoleka na buli kimu kyonna Bayibuli ky'egamba. Ate ddala Bayibula erina by'egamba, era, bwe mba ssikwatibwanga kirwadde kino eky'okuwunga mu mwoyo okw'omulembe, nja kweyoleka nayo era nsobola okweyoleka nayo. Bwe njisambajja, kitegeeza nnalwala ekirwadde ekyo eky'okuwunga mu mwoyo; kitgeeza waliwo ekyantuukako, nnakkiriza ekikwate eky'enzikiriza, oba ekkanisa emu oba ekibinja ky'abantu. "Ssisobola kubikkiriza," ate nga Ekigambo kijja ne kyeyoleka.

157 Y'ensonga lwaki Yesu tebaamutegeera. "Ha," bagenda ne bagamba mbu, "bannange, omusajja ono mutukuvu, ne kabona waffe omutukuvu, ne *kino* ekitukuvu."

158 Naye Yesu yagamba nti, "Mmwe muli ba kitammwe, ssetaani, era mukola mirimu gye."

159 Mubadde mukimanyi nti Kayini, naye yawaayo ssaddaaka ennungi? Yali mwesimbu, n'azimba ekyoto, n'afukamira wansi n'asinza, n'awaayo ssaddaaka, n'asaba Katonda. Kati bwe kiba nti, ekyo kyokka Katonda, kye yali ayagala, ggwe okubeera mmemba w'ekkanisa era obeere n'ekyoto, osasule ekimu eky'ekkumi ogendenga mu kkanisa, weeyise bulungi; bwe kiba nga ekyo kyokka kye Yeetaaga, kitegeeza Teyali mwenkanya okusalira Kayini omusango, kubanga yakola ekintu kye kimu. Yee, ssebo. Ky'ekyo kyennyini.

160 Naye *eddiini* kitegeeza "ekibikkako," ate nga ebikolwa byo ebirungi tebisobola kukubikkako. Waliwo ekintu kimu kyokka Katonda ky'anakkiriza, era ekyo gwe Musaayi gwa Yesu Kristo. Ekyo ky'ekibikkako kyokka. Wabweru w'Ekyo, bw'ogamba nti, "Kugoberera kikwate eky'enzikiriza," okwo kuba kuwunga mu mwoyo! Era ekyo kye kyabaawo.

161 Kaakati mulabeeyo, beerabidde Ekigambo kyabwe. Beerabidde Bayibuli. Beerabidde ekisuubizo. Bagezaako okutambulira mu kutangalijja okuguumaaza okwali okw'ekyo Abamesodisiti kye baali, n'ekyo Ababaputisiti kye baali, oba omuntu omulala kye yali. Nga ekisuubizo ky'ekiseera kino kiri wano, era Katonda akyogera okuyita mu Kigambo Kye, n'akinyweza era n'akikakasiza ddala nti bwe Kiri, naye era tebakikkiriza. Kirwadde kya kuwunga mu mwoyo! Mazima ddala. Balwalira ddala, ekirwadde ekyo eky'okuwunga, tebakikkiririzaako ddala yadde.

162 Waliwo omujaasi Omufaransa. Nga tetunnamaliriza; lumu waliwo kye bannyumiza. Mbadde ssimanyi nti n'obudde bugenze bwe buti, ate nga wano nkyalinawo emiko nga kkumi; tuligyoogerako omulundi omulala. Mulabeeyo, waaliwo omujaasi Omufaransa. Waliwo ekibinja ky'abajaasi kye

baakomyawo okuva mu magye, abaalina ekirwadde kino eky'okuwunga. Nga kyaleetebwa kyekango, bwe baali mu lutalo. Era baateekawo entegeka, ne ba—ne balangirira ne bayita abantu abaali baabulwako abantu baabwe okukuba essimu balabe oba nga basobola okutegeera abavubuka bano be b'ani. Naye tekyakola, ndowooza baategeerako nga omu oba babiri, okuva mu bo, abaakuba essimu. Abaasigala ne babatwala, baali bagenda kubateeka mu ddwaliro gye bajjanjabira abalina endwadde ezitawona mangu, gye baali bagenda okubeera ebiseera by'obulamu bwabwe byonna ebisigadde.

163 Baali balinnyalinnya waggulu ku kasozi, nga bali mu ggaali y'omukka; ne bayimirirako mu kifo eggaali y'omukka w'eyimirira, ne bagamba abavubuka bafulume wabweru bagolole ku magulu. Abakuumi ne bafuluma ne bayimirira ku kasozi, okubakuuma, kubanga nga bwe baalina ekirwadde ky'okuwunga, ddala, baali—baalina okubakuuma.

164 Bwe batyo ne batunuulira omuvubuka omu, yafuluma n'atandika okutunuulira ttanka y'amazzi, ne yeetoolooza amaaso erudda n'erudda ku kasozi. N'asiimuula ku maaso ge, n'addamu ne yekkaanya ekifo. N'addamu n'atunula nate, n'alaba ttanka y'amazzi eyo. Ne yeetoolooza amaaso ekifo ekyo eggaali y'omukka w'eyimirira, n'atanula okutambula. Omukuumi mu kifo ky'okumuyimiriza, n'amugoberera.

165 N'ayambuka waggulu ku kasozi, n'abaako akakubo ke yakwata, n'akyama ku mukono ogwa ddyo n'alinnya akasozi akalala, n'abaako ennyumba entonotono eyazimbisibwa emiti we yaggukira. N'atunulatunula awo. Okuva mu kisasi ky'ennyumba ne wavaayo, omusajja omukadde, nga akutte akaggo mu mukono gwe, n'ajja n'amugwa mu kifuba. N'amugamba nti, "Mutabani wange, nnakimanya nti olikomawo. Baŋŋamba wafa, naye nze nnakimanya nti olikomawo." Omuvubuka n'addamu okutegeera. Ekirwadde eky'okuwunga ne kimwamuka. N'ategeera ky'ali. N'ategeera nti kitaawe.

166 O, ggwe omujaasi w'Omusaalaba, afunye ebyekango ebiyitirivu olw'okutendekebwa okungi, ayise mu byekango ebiyitirivu ennyo eby'amadiini n'ebikwate eby'enzikiriza, n'ebintu by'ensi, lwaki tosooka n'otambulatambulako okumala eddakiika ntono ne wekkaanya Bayibuli? Olumu ku nnaku zino, oyinza okuba okyatambulatambula, ne weesanga nga weeraba wano mu Kigambo, nga omukkiriza. Oyinza okuba tomumanyi. Oyinza okudda mu ntegeera yo entuufu, nga omwana eyali yazaawa bwe yakola, ne weezuula. Wandizuula ebikwogerako mu Bigambo bya Katonda.

167 Waliwo eyagamba, jjuuzi, ebbanga si ddene emabega, n'agamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, tutunuulire ffe

Abapentekoote, laba amakanisa amalungi ge tulina. Laba, ffe, tulina abaweereza abaatendekebwa."

168 Muwulire kino, omusajja bw'awasa omukazi, obwesige bwe tabuteeka mu bulungi bwe. Nedda. Obwesige bwe bubeera mu bwesigwa bwe eri ekirayiro kye, ekigambo kye. Teyeesiga bulungi bwe. Wabula yeesiga bwesigwa bwe.

169 Era bwe kityo bwe kiri naawe bw'ofumbirwa Katonda, teweesiga kkanisa nnene etemagana gye muyinza kuzimba, wabula weesiga kisuubizo Yesu Kristo kye yakola, nti, "Mbeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ekyo mukikkiriza?

Leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

170 Ssimanyi oba nga, akawungeezi kano, mu kizimbe kino abantu we batudde, awali abasajja n'abakazi Abataggwaawo, abantu aboolekedde okugenda mu Butaggwaawo, nga mukimanyi nti lumu mulisisinkana Katonda. Era ssimanyi oba nga obadde wafuuyibwako olukka lw'ekirwadde ekyo eky'okuwunga, nga wandyagadde . . . Nga obadde weeyoleka n'ekintu ekikyamu, naye nga—wandyagadde okutambulatambulamu, akawungeezi kano, olabe oba nga teweezuule mu Kristo Yesu? Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham, nja—njagala kweyoleka nga Omukristaayo yennyini, nga omukkiriza owa nnamaddala." Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Naawe akuwe omukisa! O, weewaawo, wonna wonna. Mukama Katonda abawe omukisa.

171 Waliyo omuntu yenna ku mwaliiro ogwa waggulu, agamba nti, "Ow'oluganda, ddala nzikiriza nga ago ge Mazima. Nzikiriza, nga Abakristaayo, tetukyali Bakristaayo nga bwe baali emyaka egyayita."

172 Ate mmwe Abapentekoote, bannyammwe ne bakitammwe we baayimiriranga wano ku nguudo, ne bakuba enseege. Era maama wo, engeri gye ya . . . yakoowanga, n'amenyeka nammwe nga mukyali bato. Oluusi temwabanga na ngoye, n'ebirala, naye taata ne maama baali beesigwa eri Ensonga enkulu, ne bayimirira ku lwa Kristo.

173 Naye mulabe mmwe Abapentekoote kye mwakola. Emyaka ataano egiyise, mwafuluma eddiini. Ekyo kye kibafuula Abapentekoote, mweyawula okuva ku batakkiriza. "Naye nga embizzi bw'eddayo okwekulukuunya mu bitosi byayo, n'embwa n'eddira ebisesemye byayo," nammwe mwaddayo ne mukola ekintu kye kimu, ne mukola akavuyo ke kamu mwe mwava. Mutawaana ki? Abantu baagwaamu ekirwadde ky'okuwunga mu mwoyo. Kati nammwe mulina ebikwate eby'enzikiriza yammwe n'empapula z'ekibiina ky'eddiini yammwe, era mufuba okulaba nti mufaanana nga abalala, mwagala kubeera nga abalala bonna. Abakazi bammwe mwabakkiriza okusalako enviiri zaabwe, n'okwesiiga langi. Mmwe, mubakkirizza

okukola ebintu bino byonna, mukkirizza ebintu bino byonna ne biyingizibwa mu—mu makanisa. Kiki? Kuwunga mu mwoyo.

174 Era, ekibaawo, Katonda bw'atandika okukyala n'akka mu bantu, kiki ekiddirira? Temusobola kukisembeza. Mukiraba, ekirwadde ekyo eky'okuwunga kyabakuba ku ndiri, mukiraba, ky'ekintu kyokka kye mwali muwulidde. Temulowooza nga ekikwate ky'enzikiriza ekyo musaanye mukyetakkuluzeeko mukwate Bayibuli, mulabe Omukristaayo bw'asaanidde okufaanana? "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza!"

175 Ebikolwa by'Abatume, Peetero yagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu; kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo bonna abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita." Singa bakugamba nti Ekyo si bwe kiri, kiba kitegeeza nti omusumba wo alina ekirwadde ky'okuwunga mu mwoyo era muyi nnyo. Tasobola kweraba nga yeeyoleka n'Ekkanisa eyo; so si kibiina; wabula Ekkanisa, Omubiri gwa Kristo ogutalabika.

176 Kati Omwoyo Omutukuvu ali wano. Ali wano okukola ekyo kyennyini kye Yasuubiza okukola. Kati nga muli wano musigale nga mukotese emitwe gyammwe, musigale mu kusaba. Leka Omwoyo Omutukuvu ayogere, Mwene. Era tulabe oba nga kino . . . Ekyo buli omu amanyi kye kiri, ekisuubizo, ky'ekiseera kino. Kati mmwe abali mu bwetaavu, akawungeezi kano, mmwe, bangi ku mmwe mwayimusizza emikono gyammwe. Naye ekyo nga temunnakikola . . .

177 Simanyi, oba nga bwe tuli wano ddala okusabira abalwadde, simanyi oba osobola okwetakkuluzaako obutakkiriza obwo, n'ekibiina ky'eddiini ekyo, n'ekikwate ky'enzikiriza ekyo ekikugamba nti ebintu bino si bituufu, ekyo ekikugamba nti Bya ssetaani. Ekyo bwe bakikola, "Tebalisonyiyibwa, mu nsi eno wadde mu ensi egenda okujja." Watya singa Gano gaba nga ge Mazima? Ggwe kirowoozeeko, watya ssinga Gaba mazima, olwo obeera oli ludda wa? Mukiraba, tekikwetaagisa kukyatula; kikkirize bukkiriza mu mutima gwo. Era ekyo wano waliwo abantu abakikkiriza. Mmaze wano, ebiro bibiri, nga nnina ekintu kye nnwana nakyo, era, ngezezzaako, okukizibira ne nnuma n'olulimi lwange, obutakyogera.

178 Naye jjukira kino, mukwano gwange, kiri wakati wo ne Katonda. Watya singa kiba kikyamu, ate nga ky'olowooza? Omanyi ekibaawo, tekirikusonyiyibwa. Okuwunga mu mwoyo, ojja kugenda butereevu mu kufa kwo okw'emirembe Egitaggwaawo, obutakkiriza. "Oyo atakkiriza nga gumaze okumusinga!"

179 Kati sabira endwadde yo, gamba nti, "Mukama Yesu, wasuubiza. Ndi. . . "

Oba oli awo wano wayinza okubaawo abagenyi, ababadde batajjangako wano.

180 Yesu yasuubiza nti, ŋŋenda kubawaayo Ekyawandiikibwa kimu, "Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti," Katonda bwe yalabisibwa mu mubiri gw'omuntu; era abantu, Ibulayimu, ekibinja ky'abalonde, ekibinja ky'abaayitibwaayo. Era erinnya lya Ibulaamu lyakyusibwa ne lifuuka Ibulayimu, n'alyoka alaba Ekigambo nga kyambadde omubiri, era Kyayawula ebirowoozo ebyali mu mutima gwa Saala.

181 Ne Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira bwe lyajja, ekyo kye Yakola, naye ne bamuyita "ssetaani."

182 Yagamba nti, "Kati Omwoyo Omutukuvu bw'alijja, aliddamu n'akola ekintu kye kimu." N'agamba nti, "Kati ekyo bwe mukimpita kibasonyiyibwa, naye, bwe mulikyogera ku Mwoyo Omutukuvu, tekiribasonyiyibwa."

183 Kaakati leka Ye, mu Maanyi Ge, ajje ayite mu kibiina ky'abantu kino, wonna w'oli, era n'okwawula Kwe okw'omwoyo nga alaga nti Ye ye Kigambo. Kibeere nti bwe wabaawo omuntu yenna alina ekirwadde ky'okuwunga, nti aleme. . .abulwe eky'okwekwasa, nga tetunnayita bantu kujja ku wolutaali.

184 Nsaba Mukama Katonda ayambe. Kaakano nga mukotese emitwe gyammwe, nga musaba mu bukkakkamu.

185 Olaba, wano waliwo omukyala atudde mu maaso gange. Atadde emikono gye gyombi mu maaso ge. Atawaanyizibwa enkizi. Era alina n'ekizibu ky'okweraliikirira. Alumizibwa mu lubuto. Era atudde wano wennyini mu maaso gange kati. Era ye okusobola okukimanya, tava mu kitundu kino. Ava mu kibuga ekiyitibwa Macon. Weewaawo. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira erinnya lyo? Ye ggwe mukyala Ayers. Ekyo bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo. Ssikumanyi. Ekyo kituufu, si bwe kiri? Kati ebibadde bikutawaanya bikomye. Yesu Kristo; gw'okomye ku kyambalo Kye. Akuwonyezza. Kati kikkirize bukkiriza.

186 Waliwo omusajja atudde emabega awasemba mu kizimbe. Anoonya kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Ayagala kubatizibwa n'Omwoyo. Ayimiridde wano mu maaso gange. Naye, si wa mu kitundu kino. Ava mu Carolina, Charlotte. Lepoe lye linnya lye. Kkiriza n'omutima gwo gwonna, Katonda ajja kukujjuza n'Omwoyo Omutukuvu, muganda wange—wange, bw'onaakikkiriza.

187 Wano eno, ku mukono gwange ogwa ddyo, waliwo o—omusajja ne mukyala we batudde wano wennyini mu maaso gange. Bafumbo abakuliridde mu myaka, ku mukono gwange ogwa ddyo. Omukyala atawaanyizibwa obuzibu bw'ekyenda.

Omwami we alina obulwadde bw'omutima. Si ba mu kitundu kino. Baavudde mu Tennessee. Omw. n'Omuky. Thomas, bwe muba nga musobola okukkiriza n'omutima gwammwe gwonna, muyimuse emikono gyammwe era mukkirize okuwonyezebwa kwammwe. Yesu Kristo abawonyezza. Ky'ekyo kyennyini kye Yasuubiza okukola. Naye abantu bano ssibalabangako mu bulamu bwange.

Okuwunga mu mwoyo!

188 Yesu yagamba nti, "Emirimu gye Nkola nammwe muligikola. Esigadde akaseera katono, ensi obutandaba nate; naye mmwe mulindaba, kubanga Nze," nnakasigirwa ey'omuntu, "nja kuba nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

189 Kati, eri abasajja n'abakazi abali munda wano, abalina obuzibu obw'engeri yonna, nga ggwe mu buli ngeri olemeddwa okulaba . . . Owulira, oyagala okukkiriza, naye olemeddwa okukiyingiramu, naye nga oyagala okusabirwa, oyagala kumukkiriza nga bw'oli mu Kubeerawo Kwe, osobola okujja n'oyimirira wano eno nange, ne nsaba ne nkuteekako emikono. Bw'oba osobola okujja wano eno wennyini, ggwe alina obulwadde obw'engeri eyo, alina ekirwadde ky'okuwunga mu mwoyo, nga wandyagadde okusabirwa, osobole okusumululwa okuva mu kirwadde ekyo. Bw'oba toli—toli mukkiriza, naye nga oyagala kusabirwa, jangu oyimirire wano eno. Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Waliwo omulala ayagala okujja? Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Jangu. Katonda akuwe omukisa, muwala. Waliyo omulala yenna ajja? Jangu, oyimirire wano wennyini, mu kaseera kano kennyini.

190 Okuwunga mu mwoyo, ssaagala kulwala kawumpuli wa bulwadde obwo. Kikafuuwe. Waakiri—waakiri leka nfe nga olumbe—olulala lwe lunzise, naye toŋŋanyanga okuttibwa olumbe olwo nga atakkiriza.

191 Jangu, omukkirize kaakano. Tookikole? Muveeyo, mu mwaliiro ogwa waggulu, ab'emikwano. Kitwala ebigere bitono nnyo okutuuka wano, era kiyinza okuba nga kye kigenda okuleetawo enjawulo wakati w'okufa n'Obulamu, gy'oli.

192 Mulabeeyo, ssiyinza kuleetera Kristo kubaako kintu kyonna ky'akola. Kristo teyeetaaga kubaako kintu kyonna ky'akola okuggyako ekintu kimu: Ateekwa okutuukiriza Ekigambo Kye. Ekyo Ateekwa okukikola okuba Kristo, okuba Katonda. Ateekwa okutuukiriza Ekigambo Kye.

193 Kati mujjukire, bw'oba teweekakasa bumanyirivu bwe wafuna, lwaki tokkirira n'ojja mu maaso mu kaseera kano. Bw'oba oli wa kibiina kya ddiini, oba oli muzzukulu w'Abapentekoote, Katonda talina muzzukulu yenna. Alina baana ba bulenzi na ba buwala, naye talina bazzukulu ba bulenzi na ba buwala. Olaba? Abo Katonda tabalina. Alina

baana ba bulenzi na ba buwala, era okimanyi nti toli omu ku bo.

194 Oba oli awo wayogera mu nnimi, oyinza okuba wazina amazina, oyinza okuba wakola ebintu *bino* byonna. Byonna birungi. Ssibirinaako nsonga yonna. Naye bw'oba okyalina okuwunga okwo mu mwoyo, kkirira, ojje oyimirire wano. Tusabire endwadde eyo. Olaba otya? Ggwe mmemba w'ekkanisa, nga—oli mmemba kyokka, lwaki tojja wano mu maaso ekyo ne tukikutakkuluzaako?

195 Ssaagala kuva mu Birmingham, nga mmanyi nti lumu, ekiseera ky'Omusango bwe kirituuka, nnina okuyimirira mu maaso gammwe . . . Mujjukire, nti ndiddamu ne mbasisinkana. Bwe tutaliddamu kusisinkana wano ku nsi, ndibasisinkana mu kusala Omusango era ndyanukulira bye njogedde akawungeezi kano.

196 Kati muwulire. Mwenenye, ab'emikwano! Mwenenye, Mukifulume. Muveeyo. Mujje kati.

197 Ekyo kisaanye okuleetera buli mukazi eyasala enviiri ze mu ggwanga lino, manya ali mu kifo kino, okujja mu maaso wano mu kaseera kano. Ekyo ddala bwe kiri. Ekyo, bw'oba tonnafuna kisa kimala kugamba nti, "Enviiri zange, nja—nja—nja—njagala nzireke zikule, Ow'oluganda Branham." Kisaanye . . . "Nnina . . . Naye, ssinnafuna kisa kya kukikola."

Kati, oyinza okwebuuza nti, "Ekyo kirina akakwate konna na kyo?"

198 Jjuuzi wano ebbanga si ddene, waliwo omuweereza ow'amaanyi ennyo eyajja gyendi, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, njagala kukuteekako mikono." N'agamba nti, "Buli muntu akutwala nga nnabbi."

Ne mmugamba nti, "Sseeyitangako nnabbi."

199 N'agamba nti, "Naye abantu bwe batyo bwe bakutwala. Naye buli kiseera obeera mu kukaayuukira bakazi olw'okwambala ebinu," ate—ate nno, ha, nga musajja Mupentekoote. N'agamba nti, "Eby'okwambala ebinu, n'okusala enviiri zaabwe, n'ebirala." N'agamba nti, "Ogwo si mulimu gwo."

Kye nnava mmubuuza nti, "Olwo mulimu gw'ani?"

200 N'aŋŋamba nti, "Abantu abo, abakazi abo lwaki tobayigiriza ngeri ya, kufunamu birabo eby'omwoyo eby'amaanyi, n'oyamba abantu, mu kifo ky'okugezaako oku . . . " N'agamba nti, "Bakussaamu ekitiibwa. Kyonna ky'obagamba, bajja kukukkiriza." N'agamba nti, "Lwaki tobayigiriza ngeri ya kufunamu birabo eby'amaanyi n'okuyamba abantu, mu kifo ky'okubanenyanga entakera?"

201 Kye nnava mmubuuza nti, "Nnaabayigiriza ntya ekibalo ekikalubo nga n'ennyukuta ezisookerwako eza ABC zibalemye okuyiga?" Okiraba? Okiraba?

202 Olina kutandikira ku ntobo, mwenenye oba si ekyo mujja kuzikirira! Kati muli ba ddembe okukola kye mwagala, okwenenya oba okuzikirira! Yesu Kristo yeeyolese bulungi nnyo wano, buli kiro. Era ekiro kino twakiwaddeyo olw'obulokozi buno. Kitwala ebigere bitono nnyo okujja wano, era nnina obudde obumala okubalinda.

203 Mujjukire, Birmingham, omusaayi gwammwe teguli ku nze. Nze sirina musango. Era bw'oba nga ddala wafuna Omwoyo Omutukuvu, kaakano omukisa ogufunye. Era bw'oba obadde weeyinulira ku kkanisa nga kye kyakuviirako okulwala okuwunga mu mwoyo, lwaki tojja? Yesu lye ddagala. Tojje?

204 Kati waliwo abantu abasituse ku mwaliiro ogwa waggulu. Mbadde nnindiridde kulaba we bali, oba bafuluma oba bajja ku wolutaali. Mmwe abali wano, musembere mwetooloole wano. Weewaawo. Mmwe abali wano, mujje muyimirire wano ku wolutaali, ogambe nti, "Kino nkimaze sikiddira." Weewaawo, babadde bajja, abakyala babiri. Ekyo kirungi.

205 Mwambuke wano eno. Ebigere bitono ddala by'otambula okutuukawo. Naye ebigere ebyo byandireetawo enjawulo.

206 Kati, mulabeeyo, njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Watya singa Ajja akawungeezi kano? "O," ojja kugamba nti, "Tayinza kujja." Ssimanyi oba Ajja oba nedda. Kano ke kabonero akasembayo. Mujjukire nti kiri, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Ekyo mwali mumpulidde nga nkyogera ne kitatuukirira? Mulaba akabonero kammwe akasembayo. Ekyo kiri mu Byawandiikibwa. Mulabye akabonero kammwe akasembayo, Abapentekoote. Kati temukitabulatabula na kiri kye Yasuubiza Isiraeri eky'okubaawo oluvannyuma lw'Okukwakkulibwa; ekyo si kyammwe. Mmwe ekyammwe kiba kikomye, kiri we kibeererawo. Mukiraba? Kino kye kiseera kyammwe. Kano ke kabonero kammwe. Kano ke kaseera kammwe. Temumugaana. Temukikola. Mwandibadde mujja. Munzikiriza okuba omuweereza wa Katonda? Mujjukire.

207 Birmingham, ssisisinkanangako bantu babasinga bulungi. Mmwe bantu abalungi be nnandyagadde okusisinkana mu bulamu bwange, naye mwetaaga okudda obuggya. Mufa. Ekirwadde ekyo eky'okuwunga mu mwoyo kibamalawo. Mufa. Ekyo temukikola. Muzze buggya kye mulina. Mukizze buggya, mangu nnyo, nga Yesu tannajja.

208 Kale, nga bwe bali. . . Mweyongere okujja. Musigale nga mujja okutuusa nga bonna baweddeyo, Mukama b'ayita, nga bazze wano mu maaso. Jangu kaakano.

209 Weetakkuluzeeko ekirwadde ekyo eky'okuwunga. Omusawo omukulu waali wano okukiwonya, okukikutakkuluzaako.

Akakasizza nti Ali wano. Ekyo bameka abaneeyoleka nakyo, muyimuse emikono gyammwe, mugambe nti, "Ddala nkikkiriza; nti kino Yagamba alikikola"? Mukiraba? Kaakano Waali wano. Okiraba? Okiraba? Kkiriza.

210 Era bameka abakimanyi nti njogera mazima, nti mufa era mwetaaga okudda obuggya? Mukiraba? Ge mazima.

211 Muli bantu balungi. Toyinza kuzuulayo babasinga. Tewali bantu balina mitima mirungi, nga bantu bano ab'omu Maserengeta. Ddala bwe kiri, bantu ddala abalungi! Naye, ab'emikwano, musaanye muzuukuke, mu bwangu ddala! Mu kaseera mwe mutakirowooleeza, kisobola okubaawo. Kiyinza obutabaawo; ssimanyi.

212 Naye, mujjukire nti, mufuna okulabula kwammwe okusembayo, n'olwekyo mudduke nga mukyalina ekiseera eky'okudduka. Mujje kaakano. Kasita baba nga bakyajja, ŋŋenda kusigala nkyalinze, kubanga wayinza okubaawo. . . Emmeeme emu esinga ensi mutwalo. Era bwe waba wakyaliwo abantu abawulira okulumirizibwa. . .

213 Kino nnandyagadde okulaba nga kivaamu okudda obuggya okunene okw'amaanyi okunaakoleeza buli kkanisa okwetooloola wano; singa munaggyawo enjawukana zammwe ne muggyawo okweyagaliza, ne mukkiriza Omwoyo Omutukuvu. Mugamba nti mwamukkiriza. Mugamba mwamukkiriza, naye, ate bw'Ajja okweyoleka ky'Ali, nga mweyawulamu buli muntu okuva ku munne. Lwaki tetugatta wamu emitima gyaffe n'Ekigambo kya Katonda ne tukkiriza Amazima? Ogwo gwe mutawaana. Mujja kweyongera kufa, mufe, mweyongereyo okutuuka mu Lawodiikiya. Ebyo byennyini bye Yasuubiza, Biriba bwe bityo. Temujje kaakano? Leero lwe lunaku. Kino ky'ekiseera ekikkirizibwa. Mulabe Omwoyo Omutukuvu ky'anaakola.

214 Kati njagala abaweereza bonna abali wano, abaagaliza abantu bano, nammwe, mujje musabe wamu nange. Mujje waggulu eno, abaweereza mwenna abaagaliza abantu bano. Mujje, mwetooloole wano, muyingire mu bantu, omuweereza oba omuyambi, omuyambi omulungi, nga mukazi eyandyagadde okujja ayimirire n'abakazi bano mu kaseera kano. Ŋŋenda kukkiriza, n'omutima gwange gwonna, nti Omwoyo Omutukuvu agenda kukka mu kifo kino wano wennyini mu kaseera kano Yeeyoleke mu makkati g'abantu bano bonna.

215 Kati leka nsooke, nnuŋŋamye abantu bano. Kati, ab'emikwano, kyonna ekikuleese wano, Akimanyi. Era nsobola okukibakasa, Asobola okubaggyayo, omu ku omu, n'abaleeta wano eno ku kituuti kino, era tewali kintu n'ekimu ky'Ataabikkule. Kati ekyo kibaddewo okuviira ddala nga nkyali kalenzi kato. Ekirabo ekyo tekiriiko kabuuza. Naye ekibuuzo kiri nti, osobola okukisembeza? Okikkiriza? Kati Ali

wano. Era, nga bw'Ali wano, kitegeeza waliwo ekintu kimu kyokka, Atuukiriza Ekigambo Kye. Kati kkiriza bukkiriza nti okisembeza, era okisembeze, osituke ogambe nti, "Ayi Mukama Katonda, ndi wano okukisembeza," osigalewo okutuusa nga kibaddewo.

216 Nga Buddy Robinson bwe yagamba lumu, bwe yali mu musiri gwa kasooli. N'agamba nti, "Mukama, bw'Otompa Mwoyo Mutukuvu, bw'Olikomawo amagumba gange oligasanga geetuumye wano." Yali amaliridde ddala. Era tolina kintu kyonna ky'ogenda kufuna kuva eri Katonda okutuusa nga mu mutima gwo omaliriridde ddala okukifuna.

217 Kati, mwali mwetegerezza amakungula ge tufuna ensangi zino, mwali mwetegerezza kye tukola ensangi zino? Ffe, eky'amazima, tufunamu Katonda atumala munda mu ffe ne tujja ku kituuti, ne tugamba nti, "Weewaawo, oba oly'awo ka ŋŋende." Kati kino kye ndabye mu nsi yonna gye mbadde. "Weewaawo, ka ŋŋende nnyimirire mu maaso wali." N'agamba nti, "Kati, kati, ssimanyi kiddako. Nze nzuuno nzize, olaba." Hum! Nga mbeera mbi nnyo okujja bw'otyo! Tewali muliro gubugujja mu mutima. Tewali kuyaayaana. Tewali kigamba nti "ka nnyingire mu Ye!" Era, nga omubuulizi w'enjiri, ekyo kijula kunzita okulaba abantu ba Katonda nga bali mu mbeera bw'etyo. Tulina kuba ku muliro.

218 Naye, mulaba, kiki? Kye kiri kyennyini kye nnabagambye. Okubikkulirwa 3, "Oli wa kibuguumirize. Era," Yagamba nti, "kubanga oli wa kibuguumirize, ndikusesema okuva mu kamwa Kange." Si bwe kiri? Ky'ekyo kye Yayogera. Era, bw'Aba nga ekyo kye Yayogera, ekyo ky'Agenda okukola. N'olwekyo leka tuleme kubeera kibiina ekyo.

219 Muli wano, mulina ekyetaago. Leka tumufune, oba si ekyo tufe, wano wennyini. Bwe kiri. Leka tumufune, oba si ekyo tufe.

220 Kati, muganda wange omwagalwa, naawe mwannyinaze, ssinga mbadde nsobola okujja ne mbaako ne bwe nkuyamba okubaako ne ky'okola, amazima nnandikikoze. Kati, nga nneeyambisa ekirabo, nsobola okukubuulira ekikuleese wano. Nsobola okukubuulira, ku bw'Omwoyo Omutukuvu, ku bw'Omwoyo wa Katonda, ne nkubuulira ekikuleese wano, ne kye wakola, na kiki ekigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso, oba ekintu ekifaanana bwe kityo; naye ekyo tekigonjoola nsonga. Kino olina kukikkiriza, ggwe kennyini. Ggwe alina okukikola!

221 Kati oli mwetegefu? Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Ndi mwetegefu. Ndi mwetegefu okufiira wano wennyini." Kati tokikola okuggyako nga okitegeeza. "Ndi mwetegefu okufiira wano wennyini, oba okufuna kye njagala okuva eri Katonda." Amiina. Ddala weetegese?

222 Kati leka bonna abali mu kibiina bayimirire, buli wamu. Kaakano fenna wamu, fenna wamu, leka twegatte wamu. Ka tusabe. Era leka tu . . . Mmwe abaweereza kaakano musemberere abantu bano abali wano, buli omu, era kati mmwe mukiikiridde emikono gya Kristo.

223 Ggwe ayagala Omwoyo Omutukuvu, ggwe ayagala obumanyirivu obwo, nga si kukyamuukirira bukyamuukirizi okw'omubiri; naye oyagala Mwoyo Mutukuvu, Obulamu, akaweke ak'Obulamu munda mu ggwe. Era oyagala kwetakkuluzaako kirwadde ekyo eky'okuwunga ekikuleetedde—ekikuziyiza okwetegeera ky'oli; tomanyi w'oyimiridde; tomanyi ky'oli; leka tukyetakkuluzeeko mu kaseera kano! Wano waliwo Okuzaalibwa kwo obuggya, Okuzaalibwa obuggya kwennyini, okwa nnamaddala.

224 Kaakano leka tuteeke emikono gyaffe ku bantu bano. Leka, buli omu, tuyimuse emikono gyaffe tusabe n'emmeeme emu.

225 Kitaffe ow'omu Ggulu, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, nsaba, ayi Mukama, nti mu Linnya lya Yesu Kristo, nti Omwoyo Omutukuvu akke akawungeezi kano, akawungeezi k'Olwomukaaga luno, Omwoyo Omutukuvu nga bwe yakka nga empewo ey'amaanyi. Leka abantu bano babatizibwe okuyingira mu Mwoyo Omutukuvu. Leka Omuliro n'Amaanyi ga Katonda bireme kubavaako. Bwe baba baabadde wano okuva ku makya, leka basigalewo, basigalewo okutuusa nga Omwoyo Omutukuvu azze.

226 Ky'ekyo kyennyini! Ky'ekyo! Wuuyo. Oyo Mwoyo Omutukuvu y'ajja. (Nnakikoze. Nkimanyi.)

Kiwedde. Mumukkirize kaakano! Mumusembeze! Mujjuzibwe emikisa Gye.

64-0411 Ekirwadde Ky'Okuwunga Mu Mwoyo
mu National Guard Armory
e Birmingham, Alabama Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org